Abaebbulaniya,
Essuula Esooka

N'okubaako e—ekitono kye mpa. . . Ku lwange, ndowooza, tewali kinsingira Kigambo. "Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira, era okuwulira Kigambo kya Katonda."

2 Ku nnaku ez'Olwokusatu, oba oly'awo n'olwa Ssande, mu lumu ku nkuŋŋaana z'oku Ssande, okusobozesa omusumba okuwummulako, nga ate kintu kye yeetaagira ddala, nnalowoozezza nti oba oly'awo tunaabaako Ekitabo mu Bayibuli kye tukwatako tukiyigirizeeko. Twateranga okukikola, nga oluusi tusobola n'okukimalako omwaka mulamba.

3 Nzijukira lumu twamala omwaka mulamba ku Kitabo ky'Okubikkulirwa. Naye, ha, bannange, nga twayiga ebintu bingi, era nga kyatunyumira okukamala! Bwe twakimala ate ne tuddayo emabega ne tukwata ku Kitabo kya Danyeri, oba Ekitabo ky'Olubereberye, oba eky'Okuva, ne tubiyigako, nga tubiva ssuula ku ssuula, era nga Bayibuli yonna bigikwataganya wamu. O, ekyo nkyagala nnyo!

4 Mu maaso awo gye bujja, tujja kwetaaga okukwata ku. . . Mukama bw'anaagenda mu maaso n'okutuwa omukisa naffe bwe tuneeyongera mu maaso, tujja kubaako ebintu eby'obuziba ennyo ebiri muno bye tuyingiramu, ebintu eby'obuziba ddala. Era tujja kubikwatako kimu ku kimu, okuyita mu Byawandiikibwa, nga tubiyigako.

5 Era njagala nnyo okukwata Ebyawandiikibwa ne mbigeraageranya n'Ebyawandiikibwa. Bwe kityo bwe kiteekwa okuba. Kifaananyi ekinene eky'awamu ekirabika obulungi ennyo. Era kati mu Kitabo kino kye tuyigako, tujja kukwata, o, ku bulokozi, ku kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, n'ebyamagero, n'okusaasira. Era, ha, kisangibwamu buli kimu kyonna.

6 Kati oba oly'awo bwe nnaatuusa akaseera okubaako enkuŋŋaana ze ŋŋendamu. . . Mba ssimanyi ddi lwe nnaabeera na lukuŋŋaana lwonna, oba okuyitibwa okubaako olukuŋŋaana lwe ŋŋendamu, kubanga ssibeerawo na kintu kyonna kye ntegese okutuusa lwe mpulira nga nnuŋŋamiziddwa okubaako ne kye nkola. Kale oba oly'awo nga tebunnakya, nnyinza okulinnya ennyonyi ne ŋŋenda e California, wuuyo mu Maine oba awantu awalala, wonna w'Ayinza okuntuma okugenda. Ye nsonga lwaki ssitegeka ŋŋendo nnene, empanvu, kubanga enkola bw'etyo ssigisobola. Obuweereza bwange tebuli bwe butyo, bukola mu ngeri ndala.

7 Era kati nnakomyewokko awaka okuwummulamu. Nnasala kkiro mwenda, mu lukuŋŋaana luno olwasembyeyo. Era Ow'oluganda Mercier n'Ow'oluganda Goad baabadde wange, akaseera katono akaakayita, baŋŋambye nti, "Ow'oluganda Branham, nnakwetegerezza bw'okikola. Okikola n'omutima gwo gwonna."

8 Ne mbagamba nti, "Eyo y'engeri yokka gy'osobola okukoleramu Mukama omulimu omulungi, kwe kuteeka ku mwanjo buli kimu ky'olina ku lwa Kristo; amaanyi go gonna, emmeeme yo yonna, omutima gwo gwonna, endowooza yo yonna, buli kimu ky'olina." Bw'obaako ekintu kyonna ky'okola, kikole bulungi oba si ekyo tokikolera ddala, okiraba, kireke bulesi. Bw'oba ow'okubeera Omukristaayo, waayo buli kimu kyonna ky'olina eri Kristo, ebyo nga, by'ebiseera byo, ekitone kyo, buli kimu ky'olina.

9 Nneetegerezza omuvubuka ono omuto. Oyo mukyala wo, Ow'oluganda Burns, si bwe kiri, oyo abadde akuba ekivuga nga bw'ayimba, omugogo gw'abafumbo abo abato. Ate—ate ssi piyano, ate era ssi nnanga, naye kivuga eky'engeri emu, bakikuba nga bwe bakisuna, ne babaako ne kye bakolera Mukama. Oba oly'awo osobola okukola ekyo, n'oyimba, n'obaako, emmeeme z'okyusa. Baako n'ekintu ky'okola, ka kibe kiki. Bw'oba o—osobola kufuuwa luwa, tewali buzibu, lufuuwe. Naye baako ne ky'okola. Julira oba obeeko ne ky'okola ku lw'Obwakabaka bwa Katonda. Kyonna ky'olina, kikozese okuweereza Katonda.

10 Kati, tetugenda kulwawo nnyo, kubanga mmanyi mukola. Mulina okuzuukuka nga bukyali. Ate nange nnina okugenda okuyigga bukaamuje buli ku makya. Leka mbabuulire amazima. Kye nkola. Kye kindeeta ewaka, mba nzize kuwummulamukko. Kale nzuukuka, ku ssaawa nga kkumi nga bukya, ne ŋŋenda eyo mu bibira, ne, njiggamu katonotono bwe mmala ne nziramu ne nneebaka. Kale kkiro zange ziri ze nnasala ŋŋenda nzizzaawo, nja kusobola okuwummulamu, akaseera akawerako, bwe munaaba . . . Mukama bw'anaaba ayagadde. Era buli kimu kiri bulungi.

11 Kale, kati, tugenda kubikkula mu Bayibuli zammwe. Bayibuli zammwe njagala mujjenga nazo buli kiro, lwe muba . . . nga bwe musobola. Bwe wabaawo abatalina, oba bwe wabaawo eyandyagadde okugoberera ebisomebwa, tulina ze tulinawo wano, tusobola okusaba aba . . . abakebezi basobola okuzibawa. Waliwo omuntu yenna agyetaaga? Kale, yimusa buyimusa omukono gwo.

12 Ssimanyi oba Ow'oluganda . . . Doc, jangu okime Bayibuli zino. Ndaba oyimiridde kumpi awo, wamu n'Ow'oluganda Burns. Ddala ye ggwe, Burns? Mpulidde nga agamba . . . [Ow'oluganda agamba nze, "Conrad."—Omuk.] Ani? ["Conrad."]

Conrad. Ate nze mmuyise. . . Kati nno, nnandiba nga ntandise okuba nga ssikyawulira bulungi, Ow'oluganda Neville. Kati ate oba erinnya lya Burns ndijje wa? Omusajja mmumanyi bulungi ku maaso, naye ate mpubiddwa, erinnya lye ne ndyerabira.

13 Ate mumanyi, gye weeyongera okukula, nnina kye nzudde, kati Bayibuli eno egenda enkaluubirira okusoma. Ate ssaagala yadde okukirowoozaako nti kinneetaagisa okwambala gaalubiindi, okusoma Bayibuli.

14 Naye, jjuuzi wano, nnali ndowooza ŋŋenda kuziba amaaso. Ne ŋŋenda okulaba Sam. Sam n'aŋŋamba nti, "Bill, ssimanyi." N'agamba nti, "ŋŋenda kukukolera enteekateeka obeeko gw'osisinkana eyakuguka mu by'amaaso."

15 Ne ŋŋenda mu Louisville. Kiteekwa okuba nga bw'atyo Mukama bwe yakyagala kibeewo. Waliyo omukugu omu omwatiikirivu; erinnya lye ndyerabidde. Naye yali yasoma ekitabo kyange. N'aŋŋamba nti, "Bw'oliba oddayo mu Afirika, njagala ŋŋende naawe." N'agamba nti, "Era bw'o. . . Abafirika abo bakwagala." N'agamba nti, "Bawanuuza nnyo, nnaddala bwe kituuka ku kwagala okubalongoosa, nga okozesa akambe. N'olwekyo," n'agamba nti, "njagala mpeeyo emyezi mukaaga egy'obulamu bwange, nga nnongoosa abalwadde ensenke ku maaso n'ebirala, eri. . . mu mulimu gw'enjiri." N'agamba nti, "Ssinga tugenda ffembi, ggwe n'ofuna okuganja gye bali, mu ngeri eyo," n'agamba nti, "kati bwe basangibwa nga balina ensenke ezo n'obulwadde bw'amaaso obulala bwonna," n'agamba, "nnandyagadde okubawa obujjanjabi, ku bweerere, okumala emyezi mukaaga." Nneerabidde n'ebbanga ly'otwala nga olindirira okufuna akakisa okumusisinkana.

16 Kati twali tutudde mu kasenge nga mulimu n'aka—n'akataala akamyuufu ne kaaka, munda omwo mu kasenge akakutte enzikiza. Kati, ennyukuta ezo nnasobola okuzisoma. Ebipimo byali ku abiri ku abiri. Nga nsobola n'okuzisoma nga nziva waggulu okudda wansi n'okuva wansi okudda waggulu. Bwe yamala ebipimo n'abizza ku kkumi na ttaano-kkumi na ttaano, era ne nzisoma. Bwe yamala n'abikyusa n'abizza ku kkumi ku kkumi, era ne nzisoma. N'aŋŋamba nti, "Naye, amaaso go tegalina buzibu bwa maanyi kiri awo."

17 Kati yalina akalawuli akazimbulukusa. N'abaako akantu ke yakateekako, akantu akatono, nga bwe mumanyi. Obulawuli obwo obw'edda obuzimbulukusa, bameka ababujjukira? Twateranga okubulabiramu, nga twetegereza ebifaananyi, bwe tutyo. N'ambuuza nti, "Ebyo osobola okubisoma?"

Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo."

N'aŋŋamba nti, "Binsomere."

18 Mwalimu e, ha, yali palagulaafu nnamba, nga yenkana nga wano *bw'eti*. Ne ntandika, okusoma ebigambo ebyalimu; n'atandika okusika akalawuli kali nga bw'akazza waggulu,

bw'atyo, ne bigenda nga bikendeeza supiidi kwe byali bitambulira ne byongera okukendeera. N'atuuka nga wano *bwe wati*, ne ndekera awo okusoma. N'aŋŋamba nti, "Kimu kye nsobola okukukakasa, osussizza emyaka amakumi ana."

Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, ekyo kituufu, nnagisussa dda."

19 N'ambuuza nti, "Ekyo wakikola otya?" N'agamba nti, "Eriiso ly'omuntu, okusinziira ku butonde, bw'oweza emyaka amakumi ana, nga enviiri zo bwe zifuuka envi, n'enkyukakyuka endala ezibaawo, n'emmunye ebyabyatala." N'agamba nti "Kati, singa owangaala ebbanga eddene, eddamu n'etereera." N'agamba nti, "Ekyo kye bayita, okuddamu okulaba. Naye," n'agamba nti, "omuntu, ku myaka nga amakumi ana, eky'amazima abeera . . . " N'agamba nti, "Amaaso gaabwe tegaba na buzibu bwonna."

20 Nsobola—nsobola okulaba oluviiri ssinga luba luli wansi ku ttaka, ne nduggyawo. Naye nsemberera . . . N'aŋŋamba nti, "Kati, Bayibuli yo ogisoma," n'agamba nti, "naye ogisembeza wala naawe." N'agamba nti, "Naye bwe wanaayitawo akaseera, omukono gwo gujja kuba tegukyali muwanvu kimala, era ojja kuba tokyasobola—tokyasobola kugisembezaayo wala kimala ate osigale nga okyagikutte."

21 Bw'atyo kye yava ankolerayo gaalubindi, nga ekitundu kyazo ekya wansi osobola, okukyeyambisa okusoma. N'aŋŋamba nti, "Kaakati, mu kituuti kyo . . . " Yali alowooza nti ndi omu ku babuulizi bano ab'ebitiibwa, nga bwe mumanyi. Kye yava aŋŋamba nti e . . . gwe . . . Ekitundu ekya waggulu kirawuli kyennyini ekya bulijjo, kirawuli ekya bulijjo. Ate ekitundu ekya wansi kirimu engeri y'akannya, mbeere nga nsobole okugisoma nga eri kumpi, mukitegeera, mu ngeri eyo *bw'etyo*. Naye kati ssaagalira ddala kuzambala; ssikyagalira ddala.

22 Era kati, bwe mbeera mu kuyigiriza ku Bayibuli, kati akawungeezi ka leero ŋŋenda kuyigiriza kuva mu Ndagaano Empya. Kale eri . . . Nnina Endagaano Empya eyakubibwa Collins era ennukuta zaayo zaakubibwa nga nnene bulungi. Naye kati, bwe nnaddayo okukozesa eri endala, kya—kyandinneetagisa okuddira gaalubindi zange, ne—ne mba nga ze nkozesa okusoma. Naye kyonna kye kiri, ndi—ndi musanyufu nti nnina kye—kye nkyasobola okusoma. Era—era—era nga nkozesa ekyo kye nnina, buli muntu ŋŋenda kumuwa buli kimu kyonna kye nsobola, olw'ekitiibwa kya Katonda, nsuubire nti akabonero ako ak'obukadde Ajja kukaggyawo. Ssisobola kumusaba kuzza myaka gyange mabega. Nja . . . Weewaawo, ekyo kye kimu ku bintu ffenna ebirina okututuukako. Ekyo tulina okukiyitamu. Era mmanyi nti ssikyali mulenzi muto nga bwe nnali, bwe nnayimiriranga wano ku katuuti. Kati nnina emyaka amakumi ana mu munaana. Naye kati teebereza, mu myaka emirala ebiri, nja kuweza emyaka ataano, Ow'oluganda Mike.

23 Bannange, ssisobola na kukikkiriza! Mbaddenga... N'okukimanya ssaakimanya nti nsussizza emyaka amakumi abiri okutuusa emyaka nga ebiri egiyise. Bwe kiri. Bwe kiri. Nna...Nnali ssisobola na kukikkiriza. Ate nga na—na... Kyankaluubirira okukkiriza okutuusa lwe nneerabako mu ndabirwamu, olwo, ne—ne nkakasa nti ddala bwe kiri. Naye—naye bwe kuba kwetunuulira, mpulira tewali njawulo, era ekyo nakyo, nkimwebaliza. Amatendo gonna gaddire Katonda.

24 Kati, tuli mu kuyiga ku Kitabo kya Abaebbulaniya. Kibadde... O, kye kimu ku Bitabo ebisingayo okuba n'amakulu, ag'ebuziba mu Bayibuli. Mbabuulira, kye Kitabo ekijja oku... Katonda bw'anaaba akkirizza, ne tukigenda mu buziba bwakyo, nzikiriza tujja kubaako ensonga enkulu era ez'omuwendo ennyo ze tujja okuzuula ezinaatuleetera okubeera nga twogerera waggulu amatendo ga Katonda ekiseera kyonna. Era kati nja...

25 Ekitabo ky'Abaebbulaniya, ekituufu ddala kye Kiri, Kirowoozebwa okuba nga kyawandiikibwa Omutukuvu Pawulo, gwe ndowooza okuba, omunnyonnyozi wa Bayibuli asingayo, ensi gwe yali efunye, nga oggyeeko Mukama waffe Yesu Kristo. Era Pawulo yali ayawula e...Kati, Pawulo yali muyigiriza wa Bayibuli yennyini; nga, y'Endagaano Enkadde. Ekyo kye Kitabo kyokka ekyaliwo mu kiseera ekyo ekyali kiwandiikiddwa, nga y'eyitibwa Bayibuli. Era yali agezaako okulaga Abaebbulaniya, nga ayawula Endagaano Enkadde era nga alaga nga Endagaano Enkade bw'eri ekisiikirize oba ekifaananyi eky'Empya.

26 Kati ekyo kyokka tusobola okukikkaatiriza ne tukimalako emyezi esatu miramba nga tukyali ku kirowoozo ekyo kimu, awo wokka. Ne tuddayo emabega, ssinga tubikkula mu Bayibuli zaffe kati, weewaawo mu kaseera kano tuli mu kuyiga ku Abaebbulaniya, essuula 1. Naye ssinga tubikkula mu Kubikkulirwa, essuula ey'e 12, ebisiikirize ebyo, era mujja kubiraba nga bitegeerekeka bulungi. Bwe...eri mmwe abalina ekkalaamu zammwe enkalu abagenda okuwandiika wansi Ebyawandiikibwa. Mu Abaebb-...

27 Mu Kubikkulirwa 11, tukiraba nti Yokaana, bwe yali ku kizinga Patumo, yalaba omukazi nga ayimiridde mu bwengula, era yalina enjuba waggulu ku mutwe gwe n'omwezi wansi w'ebigere bye. Era omukazi oyo yali alumwa ebisa, okuzaala omwana. N'azaala omwana ow'obulenzi. Ogusota ogumyufu ne guyimirira, nga gwetegese okulya omwana amangu ddala nga yaakazaalibwa. Naye o—omwana n'akwakkulibwa n'atwalibwa mu Ggulu, n'omukazi n'addukira mu ddungu gye yaliisibwa n'alabirirwa okumala ekiseera, n'ekiseera, n'ekitundu ky'ekiseera, oba ebiseera ebigabanyiziddwamu.

28 Kati, omukazi yali ayoleka Kkanisa, ate Omwana gwe yazaala yali Kristo. Omwezi ogwali wansi w'ebigere bye ge mateeka, enjuba waggulu ku mutwe gwe kye kisa. Emmunyeenye

ekkumi n'ebbiri be batume ekkumi n'ababiri. Era awo we wali, ku ekyo . . . Abatume ekkumi n'ababiri be baali ekitiibwa manyanga entikko y'Endagaano Empya. Mukiraba? "Kubanga tewali musingi mulala guyinza kusimbibwa wabula ogwo ogwasimbibwa." Mukiraba? Gwe, Omusingi, e—Endagaano Empya, abatume, Enjigiriza y'abatume, n'ebirala, gwe musingi Endagaano Empya kwe yasimbibwa. Kaakati ate . . .

29 Omwezi kisiikirize kya njuba. Enjuba bw'ebeera emabega w'ensi ekasuka ekitangaala kyayo ku mwezi ne kidda. Olwo omwezi ne gumulisa ekitangaala, ekitusobozesa okulaba mu budde obw'ekiro, nga tutambula. Era nga tulina ekifaananyi ekirungi wano, ekifaananyi ekirala ekirungi: enjuba ekiikirira Kristo; ate o—omwezi gukiikirira Kkanisa. Biringa mwami na mukyala. Era Kristo bw'atabeerawo mu buliwo, Ekkanisa ekomyawo Ekitangaala ekitono n'ekyakisa, nga y'Enjiri. Era kiba—kiba Kitangaala kye tulina okutambuliramu okutuusa Omwana lw'addamu n'avaayo, olwo Ekkanisa n'Omwana, omwezi n'enjuba, ne bikwatagana wamu. Mukiraba? Omwezi guli kitundu ku njuba, n'Ekkanisa eri kitundu ku Kristo. Era Kristo bw'atabeerawo mu buliwo, Ekkanisa eyolesa Ekitangaala Kye. Era kasita tulaba omwezi nga gwaka, tuba bakakafu nti enjuba erina awantu awamu gy'eyaka. Bwe kityo n'Ekkanisa kasita ebeera nga eyolesa Ekitangaala kya Kristo, kitegeeza Kristo gy'ali mulamu. Amiina. Kirowoozeeko.

30 Kaakati, amateeka gaali kifaananyi kya kisa, naye amateeka mu go temwalimu maanyi galokola. Amateeka gaali . . . Amateeka gaali musirikale. Omusirikale ye yakusiba mu kkomera, naye, olaba, ekisa kyali kirina okujja okusobola okukuggyayo mu kkomera. Okiraba?

31 N'olwekyo Omusaayi gwa Kristo, Enjiri, gutununula okuva mu kibi. Amateeka gatufuula bufuuzi boonoonyi. Amateeka gaagambanga kimu nti, "Oli mwonoonyi. Tobbanga. Toyendanga. Towaayirizanga." Mukiraba? Amateeka musirikale akugamba nti oli mukyamu era omusango gukusinga. Naye Enjiri ge mawulire amalungi. Kristo yafa okutulokola okuva mu kwonoona kwaffe, okumenya amateeka. Kristo yafa okutuggyayo.

32 Kati, Pawulo, olwali okukyusibwa, talina ttendekero lya ddiini lyonna lye yeebuuzaako, newankubadde okweebuza ku muweereza yenna. Naye mwali mukyekkaanyizza? Yagenda mu Buwalabu, era yamalayo emyaka esatu, eyo mu Buwalabu. Kati, eno, ndowooza yange nga omuntu, nti . . .

33 Kati, tulina okufuna omusingi gwa kino, okusobola okutegeera bwe kiri eky'omugaso ennyo. Era mu ky'okuyigako kyaffe ekisooka, akawungeezi ka leero, tugenda kussaawo omusingi gwaffe.

34 Kati, Pawulo yali muyigiriza wa Bayibuli ow'ekitalo, kubanga yali yayigirizibwa Gamaliyeri eyali asinga, obututumufu mu kiseera ekyo. Era ye yali omu ku baali basingayo obumanyifu mu biro ebyo, omuyigiriza oyo ow'ekitalo ow'amateeka ne bannabbi. N'olwekyo, mu bintu ebyo Pawulo yali yayigirizibwa n'annyikizibwa ddala.

35 Naye ate mmwagalako kino nti, ku kubikkulirwa kuno okw'ekitalo, yasigala mwesimbu mu mutima gwe, ku ky'okubeera omutemu, kuba yali yalagira Suteefano attibwe era n'alaba Suteefano nga afa bwe baamukuba agayinja wamu n'ebifunfugu okutuusa lwe baamutta. Muli ndowoozaamu nga Pawulo wateekwa okuba nga waliwo ekyamukomako bwe yalaba Suteefano nga ayimusa emikono gye eri Eggulu, n'agamba nti, "Ndaba Eggulu nga libikkuse. Ndaba Yesu nga ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda." N'agamba nti, "Kitange, ekibi kino tokibabalirako." Ne yeebaka.

36 Ekyo mwali mukyetegerezza? Teyafa. Yeebaka bwebasi. Nga . . . Ssikkiriza nti yaddamu okuwulira obulumi bw'ejjinja eddala lyonna eryamukubwa. Nga omwana omuwere bw'awummulira mu kifuba kya nnyina, ne yeebaka, bw'atyo ne Suteefano bwe yeebakira mu mikono gya Katonda.

37 Waliwo ekintu, ekitali kya bulijjo, ekyakoma ku Pawulo. Bw'atyo, nga omuntu yenna awulira okulumirizibwa, mu kugezaako okulwanyisa Omulimu ogwo, kwe kugenda eri kabona omukulu abeeko ebbaluwa z'afunayo. N'agamba nti, "ŋŋenda kukwata abantu abo bonna abaleekaana, n'abo abayigiriza ebikyamya;" abaali batwalibwa, nga leero be twandiyise, "abazoole abeeyitiriza," oba ekintu eky'engeri eyo, abaleekaana ne basukka we bandikomye ne bamalako abantu emirembe. "Tujja kugenda tubakakkanye."

38 Naye aba agenda, nga ayita mu kakubo . . . teryali kkubo ddene nga gano kwe tutambulira. Kuba enguudo z'edda ez'omu Palasitayini, bwabanga bukubo obutonotono, nga akakubo munda eyo mu bibira ente, n'endiga, n'embalaasi, n'endogoyi, n'eŋŋamira, mwe zaayitanga nga zivvuunuka obusozi.

39 Kale Pawulo, aba ali mu lugendo agenda e Damasiko, mu ttuntu, olunaku olumu, Ekitangaala eky'amaanyi ekyakaayakana ne kimukuba n'agwa ku ttaka. Tewali n'omu yakiraba okuggyako Pawulo. Ekyo njagala mukyekkaanye. Era ku nsonga eno yennyini, kati kino tekiragiriziddwa eri muntu yenna, naye tuli mu kugezaako okussaawo omusingi guno. Musobole okukitegeera nti Yesu y'omu oyo . . .

40 Kati, bwe Yali wano ku nsi, Yagamba nti, "Nnava eri Katonda, era Nzirayo eri Katonda."

41 Kati, bwe Yakulembera abaana ba Isiraeri, Yali Mpagi ya Muliro. Bwe yava awo n'Ayambala omubiri, era oluvannyuma n'Addayo mu Mpagi y'Omuliro y'emu eri. Era bwe Yasisinkana

Pawulo nga agenda e Damasiko, Yali Mpagi ya Muliro eri, Ekitangaala ekyo, mulaba, Ekitangaala eky'amaanyi. Era Pawulo yabuuza nti, "Ye ggwe Ani gwe njigganya?"

42 N'amuddamu nti, "Nze Yesu, Nze gw'oyigganya," Ekitangaala nga kye kivaamu eddoboozi eryo. O, ssi mulungi nnyo?

43 Era wuuno wano, akawungeezi kano, ali wano naffe. Yakubibwa n'ekifaananyi kiikiri wali, Ekintu kye kimu, mukiraba, Empagi y'Omuliro, Ekitangaala, y'omu ddala nga bwe Yali, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

44 Kati abasajja abaali naye Ekitangaala ekyo tebaakiraba, naye Kyo kyaliwo oba baakiraba oba nedda. Ebyaddirira byali bye bimu.

45 Kati, kisoboka o—omuntu okulaba Kristo mu kizimbe kino ne watabaawo mulala yenna amulaba? Weewaawo kisoboka. Kyabaawo wano eno.

46 Kyabaawo n'olumu ekiro Peetero bwe yali mu kkomera. Ekitangaala ekyo ne kiyingira mu kkomera, ne kikoma ku Peetero, ne batambula ne bayita ku mukuumi ow'omunda, n'omukuumi ow'ebweru, ne bayita ku mulyango, ne bayita ku mulyango omunene, ne wankaaki w'ekibuga. Peetero n'atuuka okugamba nti, "Nnandiba nga mbadde ndoota." Naye agenda okukyusa ati amaaso okwetegereza, nga Ekitangaala kigenze; Kristo, Ekitangaala ekyo Ekitaggwaawo, eky'emirembe n'emirembe. Wuuyo. Kati, mu lugendo nga agenda . . .

47 Kati mulabeeyo, n'ekintu ekirala, bwe tuba tusobola okukyogerako, kyakanzijira kati. Naye abasajja abagezigezi abaagoberera Emmunyeenye, okuviira ddala mu Buyindi, Ebuvanjuba, okumala emyezi n'emyezi, nga bayita mu biwonvu ne mu malungu (nga bayita ku bifo awasinziirwa okwekenneenya eby'omu bwengula; nga obudde bw'ekiro babubala basinziira ku munyeenye) naye tewali munnabyafaayo yenna yadde omuntu omulala yenna yayogera ku kulaba Munyeenye eyo okuggyako abasajja abagezigezi. Bo kyali kyabaweebwa okugiraba.

48 N'olwekyo osobola okulaba ebintu omuntu omulala by'atasobola kulaba. Ggwe gy'oli, Kibeera kintu ekya nnamaddala. Naye eri omuntu omulala, ye abeera tabitegeera. Kiringa okukyusibwa; osobola okukyusibwa ne weeyagalira mu mikisa gya Katonda, nga—nga ggwe emikisa gya Katonda owuuta miwuute. Naye nga, akuliraanye awoza kimu, "Nze ssirina kye ndaba." Mukiraba? Mukiraba? Bwe kiri. "Nze ssikitegeera. Nze kinnemye okutegeera." Abeera, takitegeererako ddala. Kye kyokka. Ate, nga ggwe okitegeera.

49 Mwekkaanye kati, Pawulo nga ali mu lugendo lwe agenda. Era obumanyirivu buno obw'ekitalo olwali okumubaako . . .

Kati, teyamatira . . . Ekyo kye kifuula Pawulo okuba omulungi ennyo.

50 Kati, eky'okuyigako kyaffe akawungeezi ka leero ssi kya buziba. Kyakuyigako ekitali kya buziba, naye, ha, tujja kuyingira mu by'obuziba, gye bujja mu maaso awo. Naye kino kyakuyigako ekitali kya buziba, wabula tutandika butandisi. Era kikwata ku kimu, kyokka, kugulumiza Yesu kristo. Pawulo, kw'atandika nakwo.

51 Era kino nga tannakikola, Pawulo yali muntu eyali yayigirizibwa n'akenkuka mu Bayibuli. Ate omuntu eyakenkuka mu Bayibuli tasobola kuzimba njigiriza ye nga agyesigamya ku byamutuukako. Nedda, ssebo. Talizimba njigiriza ye nga agyesigamya ku byamutuukako. Osobola okutuukibwako ebintu ebya buli ngeri. Naye biteekwa okuba nga biri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kituufu.

52 Kati, mu Ndagaano Enkadde, baalina engeri ssatu ez'enjawulo kwe baategeereranga obubaka. Ekisooka, kwali kuyita mu mateeka, ago gaabanga mateeka tewali kirala. Ekirala, baalina na—nnabbi; oyo aloota ebirooto; n'ekirala baalina Ulimu Sumimu. Kati ekyo kiyinza okuba eky'obuziba.

53 Ulimu Sumimu ky'eky'omu kifuba Alooni kye yayambalanga mu kifuba kye. Mu kyo mwalimu amayinja kkumi n'abiri ag'enjawulo: yasepi, sadio, kabunkulo, n'amalala, mangi. Mwalimu amayinja amanene gonna, ge gaabeeranga mu ky'omu kifuba, nga alaga nti ye yali kabona omukulu owa buli kika, ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isiraeri. Eky'omu kifuba kino kyawanikibwanga ku mpagi mu kkanisa. Era nnabbi bwe yalagulanga, ne baagala okukakasa oba by'ayogedde bituufu, oba nedda, bannabbi oba abo abaloota ebirooto baayimiriranga mu maaso ga Ulimu Sumimu eno, oli n'ayogera ekirooto kye oba okwolesebwa kwe, oba kyonna kye yalabye. Kati Ekitangaala Ekitukuvu bwe . . . O, mukiraba? Katonda lubeerera atuula mu mutendera ogususse egya bulijjo. Ebitaala ebyo, byonna wamu, amayinja ago tegaavangamu kitangaala okutuusa eddoboozi eryo bwe lyayogerwanga. Era eddoboozi bwe lyatuukanga ku mayinja ago, bwe lyabanga terisukkuluma ku maloboozi aga bulijjo, tegaakyukanga yadde. Naye bwe lyabanga eddoboozi erisukkuluma ku maloboozi aga bulijjo, amayinja ago gonna wamu gaavangamu Ekitangaala ekya langi eya musoke. Amiina. Era ekyo kyabanga kitegeeza nti, oyo Katonda y'ayogera nti, "Oyo nnabbi Wange." Oba nti, "Ekirooto ekyo kyavudde Gyendi." Baalamulanga basinziira ku Ulimu Sumimu.

54 Mujjukira Sawulo bwe yagwa? Yagamba yali takyafuna yadde ekirooto. Ate ne nnabbi, Samwiri, yali yafa, nga tewaaliwo ngeri yonna. N'agamba nti, "K'ebeere Ulimu Sumimu nayo tekyayogera nange." Nga tewali n'ekimu. Sawulo yayimirira mu maaso ga Ulimu, naye ebigambo bye yali ayogera yali nga

akuba ebbanga. Mukiraba? Katonda yamugaanira ddala. Era Ulimu Sumimu eyo, ye yali okukakasibwa kw'obwakabona bwa Alooni. Alooni bwe yavaawo, Musa, e—eky'omu kifuba ekyo ne kiwanikibwa ku mpagi.

55 Kati, obwakabona bwa Alooni bwakoma Yesu bwe yafa. Era kati, nga twawula amateeka ku kisa, tukyalina Ulimu Sumimu. Era Pawulo yali agikozesa. Mukiraba? Ulimu Sumimu ya leero ky'Ekigambo kya Katonda Ekitafa, Ekitaggwawo, eky'emirembe n'emirembe. Mukiraba?

56 "Kubanga oyo yenna alitoola ekintu kyonna okuva mu Kitabo kino, oba alyongerako ekintu kyonna ku Kyo." Ssaagala kintu kyonna kiri wabweru waakyo, naye njagala byonna ebikirimu. Eyo y'Ekkanisa gye twagala. Era ebintu byonna biteekwa okukeberebwa n'Ekigambo.

57 Eyo ye nsonga lwaki ssaafuna buwanguzi gye buvuddeko mu Bapentekoote, kubanga, nnabagamba nti, "Nnali ssitegeera ngeri ki okuvaamu amafuta mu ngalo, oba okuvaamu omusaayi mu maaso, gye bibeera akabonero akalaga nti olina Omwoyo Omutukuvu." Ekyo tekirina we kiri mu Byawandiikibwa era nna—nnagaana okukikkiriza. Kiteekwa okuba nga mu Kigambo mwekiri.

58 Era kati, Pawulo, Ekigambo yakyagala nnyo. N'olwekyo, bwe yali tannajulira ku bumanyirivu buno obw'ekitalo bwe yafuna, yasooka n'agenda e Misiri okumala emyaka esatu. Nzikiriza gyali emyaka esatu, emyaka esatu nga ali Misiri. Kati mumanyi kye nzikiriza kye yakola? Nzikiriza yakwata Endagaano Enkadde, n'anoonyereza okuyita mu Ndagaano Enkadde yonna, n'akizuula nti Oyo yali Masiya ddala yennyini. Obumanyirivu bw'ekyo ekyali kimutuuseeko yalina okubukakasa nga akozesa Bayibuli. Amiina. O, bannange!

59 Mumwetegereze bwe yali mu kkomera. Bwe weetegereza obulungi, waliwo e—ekiseera ky'obulamu bwa Pawulo bwe yali mu kkomera eyo okumala ekiseera kinene. Yawandiika Ekitabo ky'Abaefeeso. N'awandiika Ebbaluwa y'Abaebbulaniya eno. Mukiraba? Yalina obudde obumala. Katonda yamukuumira eyo mu kkomera nga tavaayo, n'afuna obudde n'asobola okuwandiika Amabaluwa gano eri amakanisa. Waliwo gye yawandiikira ekkanisa ya Efeeso. Endala n'agiwandikira ekkanisa y'Abapentekoote, abo baamuteganya nnyo. Ekkanisa y'Abapentekoote yamuteganya nnyo okusinga endala zonna. Ne gye buli eno ekyamuteganya. Naye yali yeebaza ku lwabwe. Ekintu kyokka kye yasobola okubayigiriza . . . Bwe baakuŋŋaananga awamu: omu yabeeranga mu kwogera mu nnimi, nga omulala alina zzabuli, omulala kukyamuukirira, omulala nneewulira ey'engeri emu oba endala. Nga tayinza, kubayigiriza ku bya, "Bukuumi Obutaggwaawo." Nga tayinza kubayigiriza, ku bya "kwawulibwa." Yali tayinza

kubibayigiriza, baali bakyali bawere. Bonna baalina oku—okubaako ne bwe beewulira, oba okubaako ne kye balaba, oba okubaako n'enneewulira ezitategeerekeka, ne, oba ekintu ekimu kye bawulira awo we bali, oba obukakafu obw'engeri emu oba endala.

60 Naye nzikiriza, bwe yayogera eri Abaefeso, yayogeranga ku bintu nga, "Katonda yatuteekerateekera mu bifo byaffe nga abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, era n'atutongoza nga abaana mu Yesu Kristo nga n'ensi tennatondebwa." Laba ekyo. Bannange!

61 Mwekkaanye bw'agenda eri mu Kitabo ky'Abaruumi, n'awalala. Baali bakulu. Weewaawo, baayogeranga mu nnimi, mazima ddala, era baalina n'obubonero obulala obw'Omwoyo Omutukuvu nga bulabisibwa mu makkati gaabwe. Naye tebaabikolamu njigiriza, na kukyamukirira, na kujugumira, na nneewulira ezitategerekeka.

62 Pawulo yabagamba nti, "Ebyo mu—mu—mubikuliriza nnyo ekisusse. Ku ddaala lye muliko mulina kuba bayigiriza, naye mukyali baana bawere abakyetaaga amata."

63 Kati, ekyo lubeerera kye nfubyengako okulaba nga ekkuŋŋaaniro lino libeera bwe lityo, ssi kubeera bwana buwere. Leka tukule. Tuyimirire ku luguudo. O, bannange! Kiikyo.

64 Kati, Pawulo yagendayo, okusooka, okulaba oba nga obumanyirivu bwe yafuna bukwatagana ne Bayibuli ya Katonda.

65 Ha, tekyandibadde kirungi nnyo, leero, ssinga ekyo abantu baddamu ne bakikola, ssinga tukakasa nti obumanyirivu bwaffe bukwatagana ne Bayibuli ya Katonda? Bwe butakwatagana nayo, kiba kitegeeza nti obumanyirivu bwaffe ssi butuufu; bw'obuteeka mu Ulimu Sumimu tevaamu kitangaala. Naye munda Omwo bwe muvaamu ekitangaala, awo amiina, nga omanya nti omulina. Naye bw'etavaamu kitangaala, abamu. . . Ssifaayo oba bulabika nga obulungi okwenkana wa, oba kyalabika nga ekituufu okwenkana wa; ekitangaala ekyo bwe kitaamyansanga ku Ulimu Sumimu eyo, kyabanga kikyamu.

66 Kale k'obeere nga wafuna obumanyirivu obwenkana wa, ka bulabike butya nga obwannamaddala, ka bubeere nga bwegombebwa okwenkana wa, ka bubeere nga bwa buyigirize obwenkana wa, ka bubeere ekikozesebwa eky'amaanyi eky'okuwangula emmeeme; bwe butavaamu kitangaala mu Kigambo, bukyamu. Bwe kiri. Buteekwa okukwatagana n'Ekigambo.

67 Kati, nzikiririza mu. . . Waliwo amakkati g'oluguudo. Oluguudo, kati, emirundi mingi. . . Nnateranga okugendako mu kkanisa y'Abanazaliini. Abantu abo abaagalwa Mukama abawe omukisa. Bamesodisiti ddala bali ab'enkola enkadde, abaatukuzibwa; ab'enzikiriza y'ekkanisa ya Katonda,

Abanazaliini, aba Pilgrim Holiness, n'ekkanisa ez'enkola eyo enkadde endala nnyingi ezibuulira obutukuvu. Era baateranga okuyimba oluyimba olugamba nti:

> Ntambulira mu luguudo olw'ekitiibwa luli olw'edda,
> Nga ntegeeza buli we ŋŋenda wonna nti,
> Waakiri mbeera Omukristaayo oli ow'enkola enkadde, Mukama,
> Okusinga okubeera ekirala kyonna kye mmanyi.

68 Kirungi. Kiyitirivu. Era baateranga n'okwogera ku luguudo olw'obutukuvu. Kati, ekyo bw'okisomako, bakiggya mu Isaaya, essuula eya 35. Kati, bwe weetegereza, agamba nti, "Eribaayo oluguudo, *ne* ekkubo."

69 Kaakati, *ne* kagambo akagatta ekigambo ekimu n'ekirala. Mukiraba? Oluguudo, terwali luguudo lwa butukuvu. "Eribaayo oluguudo, *ne* ekkubo, era liriyitibwa, 'Ekkubo ery'obutukuvu,'" si oluguudo olw'obutukuvu. "Ekkubo ery'obutukuvu!" Kati ekkubo mu luguudo ge mmakati gaalwo. Luzimbibwa bwe *luti* amazzi gasobole okwozaawo kasasiro yenna, erudda n'erudda, okusobola okukuuma oluguudo nga luyonjo. Bw'otaluzimba bw'otyo, obeera ojja kuba n'ebitaba by'amazzi nga galegamye mu luguudo lwo, buli kiseera, bwe lutazimbibwa bulungi. "Ekkubo" ge makkati g'oluguudo.

70 Kati, ku ludda *luno,* abantu bwe bakyusibwa, ebirowoozo byabwe babiteeka ku Kristo. Kati bwe babeeramu engeri y'obuyivu, ne bateekuumira mu kusaba, bajja kunnyogogera ddala, bafuuke bakakanyavu, abawolu, abateefiirayo. Ate bwe babeeramu okwekengerakengera, bw'otegendereza, babeera bajja kufuuka abalemera ennyo ku nsonga ne beekubiira ekissusse, ku ludda luno *eno*, okiraba, batwalirizibwa okukyamuukirira n'ebiringa ebyo.

71 Kati, naye, Ekkanisa entuufu eba ya Njiri etegeerekeka, etambulira wakati mu luguudo. Teba nnyinyogovu era teba mpolu, ate tebeera nzoole. Ebeera etambulira ku Njiri yennyini eya nnamaddala, ey'edda, enkyamufu, ejjudde okwagala kwa Katonda okuviira ddala ku mutima, nga etambulira mu makkati g'oluguudo, nga ekwatako erudda n'erudda. Bwe kiri. Kati ekyo kye. . . Kati Ekkanisa eyo ogenda kugifuna otya? Kuva mu Kigambo mwennyini, Ulimu Sumimu.

72 Kati, Pawulo ekkanisa yayagala agiteeke mu makkati g'oluguudo, bw'atyo yagenda ne yeekenneenya okumala emyaka esatu nga yeekenneenya Ebyawandiikibwa bye yali amanyi. Na bwe kityo, ekitundu ekisinga obunene eky'Endagaano eno Empya kyawandiikibwa Pawulo. Katonda yakimuwa akikole kubanga waaliwo omulembe gw'Ab'amawanga ogwali gugenda okujja. Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana, abaawandiika

Enjiri ennya, baali Bayudaaya. Naye Pawulo ye yawandiika ebbaluwa ezisinga obungi.

73 Kaakati mwetegereze, kati, tugenda kutandika okufuna omusingi guno kati, tulabe wa we yali, we yasinziira okuwandiika Ebbaluwa eno, nga ali mu kkomera. Era obumanyirivu buno bwonna yali yabufuna dda. Naye, okusooka, obumanyirivu buno bwalina okusooka okukakasibwa, era eno y'ebbaluwa ye enkulu mw'abwogererako. Eno ye bbaluwa ye enkulu. Gye yawandiikira Abaruumi n'Abaefeso n'abalala, zirina ekifo kyazo, naye eno y'ebbaluwa enkulu.

74 Kati, essuula 1 yonna *yali* egulumiza Yesu, era nga emwawula ku ky'okubeera nnabbi. Kati ogwo gwe mulamwa gwayo. Ŋŋenda kugezaako okugwogerako mu bwangu ddala nga bwe kisoboka, tuleme kulwawo nnyo. Omulamwa gw'essula yonna *guli* ku kwawula essuula emp- . . . empya . . . Essuula 1 *eyawula* Yesu ku nnabbi yenna, oba etteeka lyonna, oba ekirala kyonna, n'eraga kiki Yesu ky'Ali. Kati mulabeeyo, "Katonda." Leka tutandike n'ekigambo ekisooka, "Katonda."

Katonda, edda- . . . *mu biro ebitali bimu na bimu* . . .

Ebiro ebitali bimu na bimu kitegeeza "edda ennyo," ebiseera eby'edda.

. . . *mu biro ebitali bimu na bimu mu ngeri ez'enjawulo yayogera* luli *edda eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi,*

75 Kati, mukiraba, "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu, edda ennyo, Yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi." Bw'atyo bwe Yawanga Obubaka Bwe, yabuwanga kuyita mu nnabbi We.

76 Katonda yatumanga nnabbi we nga Eriya, Yeremiya, Isaaya. Era ssinga weetegereza, tewali mulundi n'ogumu mu byafaayo by'ensi, ekkanisa lwe yali evuddemu nnabbi. Kinoonyerezeeko mu Ndagaano Enkadde, mu Ndagaano Empya, oba mu nnaku zino, ez'oluvannyuma. Ndagaayo nnabbi yenna eyali avudde mu kkanisa mu nnaku ez'oluvannyuma. Ndagaayo omu eyali asituse, n'avaayo. Bw'omala ondageyo omulundi gumu bwe guti nnabbi yenna, omuweereza wa Katonda owa nnamaddala, enkola y'ensi ey'ekinnaddiini gw'etaavumirira.

77 Kirowoozeeko. Yeremiya, Isaaya, abaaliwo okuyita mu Ndagaano Enkadde yonna, bonna baabavumirira. Yesu yagamba nti, "Muyooyoota entaana za bannabbi ne zitemagana, ate nga mmwe mwabatta ne mubaziikamu." Ekyo kituufu.

78 Ekyo ekereziya ekyagenda mu maaso n'okukikola. Laba Omutukuvu Patrick. Mmwe Abakatuliki mumwesibako mbu wammwe. Tabangako Mukatuliki nga nange bwe ssiri. Ekyo kituufu. Naye mumwesibako mugamba wammwe.

79 Laba Omutukuvu Francis ow'e Assisi. Mugamba wammwe. Tabangako Mukatuliki nga nange bwe ssiri.

80 Laba Joan ow'e Arc. Mwamwokera ku nkondo y'omuti, nga mumulanga okubeera omulogo, kubanga yalabanga okwolesebwa era nga wa mwoyo. Mwamwokera ku nkondo y'omuti. Omukazi oyo n'alaajana nga asaba okusaasirwa, naye ne bagenda mu maaso ne bamwokera ku nkondo y'omuti. Ate bwe waayitawo emyaka nga kikumi, ne bakizuula nti yali nnabbi omukazi. Yali muweereza wa Katonda. Ha, weewaawo, mwabawa ekibonerezo ekinene: emirambo gy'abasaaseredooti mwagiziikula ne mugisuula mu mugga.

81 "Muyooyoota entaana za bannabbi, ate nga mmwe mwabatta ne mubaziikamu." Kituufu. Tewali mulundi n'ogumu enkola y'ekinnaddiini lwe yali evuddemu musajja wa Katonda; tekikolangako, ne leero tennakikola, era terikikola. Enkola y'eddiini tebangako nkola ya Katonda.

82 Ekkanisa eyagunjibwamu eddiini esinga obukadde mu nsi yonna ye ekereziya Katolika; eya Luther, y'ey'okubiri; ne kuddako eya Zwingli; okuva ku ya Zwingli, ne kuddako eya Calvin; okuva ku ya Calvin, ate awo, Bungereza, Abangereza Bannansangwa ne basituka, olwo ne kuddako ekkanisa ya Bungereza; nga ekulemberwa Kabaka Henry ow'Omunaana, bwe yawakanya, n'ebirala ebyaddirira; ne zeeyongera mu maaso okutuuka ku Bamesodisiti ba Wesley, n'Abanazaliini, n'aba Pilgrim Holiness; okutuukira ddala ku baasembayo, be Bapentekoote, zonna zaafuuka ddiini. Ate Bayibuli eyigiriza lwatu nti ekereziya Katolika ye—ye mukazi oli omwonoonefu, era nga amakanisa g'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki n'ebibiina byago eby'amadiini be bawala be, Okubikkulirwa 17. Ekyo kituufu ddala. N'olwekyo ba . . .

83 Kati abantu abazirimu si be ntegeeza, kati. Mu makanisa ago gonna mulimu abantu abalungi; abatukuvu, abaalokolebwa. Naye Katonda abantu Be tabayitira mu kibiina. Abayita nga abantu ssekinnoomu. Katonda akolagana na bantu kinnoomu, oba oli Mumesodisiti, oba oli Mubaputisiti, oba oli Mupulotesitanti, oba Mukatuliki, oba kyonna ky'oli. Katonda, nga n'ensi tennatondebwa, yakumanya, era n'akuteekerateekera okufuna Obulamu Obutaggwaawo, oba bwe kitaba bwe kityo wateekerwateekerwa kubula okw'Obutaggwaawo. Ssi . . .

84 Tekiri nti yayagala ozikirire, nti ozikirire. Naye, Ye nga bw'ataliiko kkomo mu kumanya, Yalina okumanya enkomerero okuviira ddala ku ntandikwa, bwe kitaba kityo, Aba ssi Katonda. N'olwekyo Yesu teyajja ku nsi kumala gagamba mbu, "Kale, Nja kulaba oba waliwo omuntu yenna anaankwatirwa ekisa . . . Ssinga Nneekoza ne nfa, mu ngeri enzibu, oba oly'awo mu bo banaalowooza nti, 'Kale, ka . . .' Kijja—kijja kusendasenda emitima gyabwe, era bajja . . ." Eyo ssi y'engeri Katonda gy'addukanyaamu omulimu Gwe.

85 Yesu yajjirira ekigendererwa kimu mu butongole, nga ekyo,

kwe kulokola abo Katonda, n'ensi bwe yali tennatondebwa, be yamanya nti balirokoka. Bw'atyo bwe Yagamba. Bwe kiri. N'olwekyo . . . "Ssi ky'oyo ayagala, oba oyo adduka; wabula Katonda y'asaasira." Ekyo Pawulo ye yakyogera. Omusajja y'omu ali wano.

86 Yagamba nti, "Eyo y'ensonga lwaki Katonda yasobola okwogera, nga ku Esawu ne Yakobo tekuli n'omu y'abadde okuzaalibwa, n'Agamba nti, 'Omu mmwagadde ate omulala mmukyaye.'" Abalenzi bombiriri bwe baali tebannazaalibwa, Katonda yakimanya nti Esawu yali mukuluppya, era n'Akimanya nti Yakobo yali . . . yali ayagala obusika bwe. N'olwekyo, ebibakwatako Yabimanya, nga n'ensi tennaba kutondebwa. Kati, tugenda kuzuula mu kaseera katono ddala Ani oyo eyamanya ebibakwatako. Essuula eno y'erina eky'okuddamu.

> Katonda, . . . mu biro *ebitali bimu* na bimu *ne mu ngeri ez'enjawulo* yayogera . . . eri *bajjajjaffe okuyita mu bannabbi,*
>
> *Mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogera naffe mu Mwana we, . . .*

Yakola ki? "Yayogera nnaffe mu nnaku zino ez'oluvannyuma okuyita mu Mwana We."

87 Kaakati, oluvannyuma lw'ekyo kiki ekiyinza okukujjira mu birowoozo byo, nti, kati ate nnabbi abeera waaki? Kati tusobola okuba ne nnabbi mu mulembe guno? Mazima ddala. Kati Asobola okutukozesa n'atwogereramu? Mazima. Naye oyo gw'a . . . Bannabbi ab'edda baakozesebwanga Mwoyo wa Yesu Kristo.

88 Kati, ekyo leka tukirambulule kitegeerekeke bulungi, kubanga ssirowooza nga kinnyikidde bulungi. Kati, kuno twakukutte nga kuyigiriza kwa Ssande Ssukuulu, n'olwekyo twagala kino tukifune bulungi. Mukiraba?

89 Mulabeeyo. Leka tulabe Omwoyo wa Katonda eyali mu Musa, bwe ya . . . ekyo kyali kifaananyi ekyali kyoleka Yesu Kristo. Abantu bonna ab'Endagaano Enkadde baali booleka musalaba. Musa, yazaalibwa mwana mulungi, ne bamukweka mu bitoogo, n'aggyibwa ku bazadde be, n'ebirala, era yali . . . Yali kabaka, manyanga yali mu—mukulembeze, muwi w'amateeka, mwegayirizi, kabona. Buli kimu kye yali kyali kyoleka Kristo.

90 Laba Yusufu, yayagalibwa kitaawe, n'akyayibwa baganda be, n'atundibwa kyenkana ebitundu amakumi asatu ebya feeza. N'asuulibwa mu kinnya, ne balowooza nti afudde; ne bamuggyamu. Mu kuyigganyizibwa kwe, omusenero yatalizibwa, omufumbiro n'attibwa; nga ababbi bali ababiri abaali ku musaalaba. Ate bwe yavaayo, yayimusibwa n'aggyibwa mu kinnya ekyo, n'atuuzibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Falaawo, entabiro y'eby'obusuubuzi esinga obunene . . . e—

e—eggwanga eryali lifuga amawanga g'ensi amalala gonna. Era tewali muntu yali asobola kugenda eri Falaawo nga tayise mu Yusufu; Yesu atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, era tewali muntu yenna asobola kugenda eri Katonda nga tayise mu Kristo. Era Yusufu buli lwe yasitukanga ku ntebe eyo ey'obufuzi okubaako ne w'alaga, abasajja baamukulemberangamu, nga bwe basaakaanya n'okufuuwa amakondeere, nga eddoboozi ly'ekkondeere, ligamba nti "Muvunname! Yusufu ajja."

91 Ne Yesu bw'alijja, ekkondeere lirivuga, na buli vviivi lirivunnama, na buli lulimi lulyatula. Yee, ssebo. Wuuyo.

92 Era Yusufu bwe yafa, yalekawo ekijjukizo eri abo abaali balindirira okununulibwa.

93 Essaanduuko eyo enkadde nnagikwatako, jjuuzi wano, yali yakolebwa mu kirungo ky'erisasi. Era omubiri gwe gwali gwa kusigala nga . . . amagumba ge . . . Yagamba nti, "Temunziikanga wano, kubanga lumu, Katonda alibakyalira." Yali nnabbi. "Katonda alibakyalira." N'agamba nti, "Bwe muliba mugenda mu nsi ensuubize, amagumba gange mugatwalanga."

94 Era buli Mwebbulaniya yenna eyali akuliridde mu myaka, nga ajjudde enkovu n'omusaayi mu mugongo, yatunulanga ku ssanduuko eyo n'agamba nti, "Lumu, tulifuluma ne tuva wano."

95 Ne Yesu yaleka ekijjukizo, entaana enjereere. Lumu bwe tuligenda ku ntaana, nga abaagalwa baffe batuvudde ku maaso, tuliwulira ebifunfugu ebyo nga bisuulibwa wansi eyo, nga bwe bagamba nti, "Evvu mu vvu, enfuufu mu nfuufu, n'ettaka mu ttaka." Naye, ow'oluganda, tusobola okutunula emitala w'ennyanja, ne tulaba entaana enjereere. Lumu, wano tulivaawo. Tugenda Ka. Ajja. Buli kimu kyali kifaananyi ekirina kye kyoleka.

96 Laba Dawudi, abantu be bennyini baamugaana, abantu be bennyini baamumaamula ku bwakabaka. Y'eyali Kabaka wa Yerusaalemi, naye abantu be bennyini ne bamugoba mu Yerusaalemi. Era bwe yali ayambuka alinnyalinnya Olusozi olw'Emizeyituuni, yakyusa amaaso n'atunula emabega n'akaaba. Yali agaaniddwa.

97 Emyaka lunaana okuva awo, Omwana wa Dawudi, Kabaka wa Yerusaalemi, naye yatuula ku kasozi n'akaaba, kubanga Yali agaaniddwa.

98 Oyo yali Mwoyo wa Kristo mu Dawudi. Bonna baali booleka musaalaba. Bannabbi abo ab'edda bonna baayogeranga mu Linnya Lye. Baabeerawo mu Linnya Lye. Bye baakolanga baabikola mu Linnya Lye. Mazima ddala. "Katonda mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera naffe okuyita mu Mwana We."

99 N'olwekyo bannabbi n'abasajja ab'omwoyo, aba leero, booleka bwolesi Kristo. Mu kiseera kiri, okuyita mu mateeka baayimirira, ne balengera mu maaso. Baayimirira erudda wano eno, ne balengera ku ludda luli, okuyita mu kisa.

100 Ekyo kiri mu Abaebbulaniya 11, essuula esembayo, ekyo bulijjo mbaddenga nkyewuunya. Mu ssuula esembayo, ekitundu ekisembayo eky'essuula ey'e 11 ey'Abaebbulaniya, w'ayogerera ku Ibulayimu. Essuula ey'okukkiriza okw'ekitalo, era eba eggwaayo, n'agamba nti, "Baatambulanga nga bambadde amaliba g'endiga n'ag'embuzi, nga tebalina kantu, baasalibwamu n'emisumeeno. Baatambulanga, nga tebalina wa kudda, baakyayibwa, ne banyoomebwa, ne bayigganyizibwa. Abo, ensi eno beetasaanira."

101 Pawulo bw'amala n'ayimirira n'agamba nti, "Naye tebasobola kutuukirizibwa nga ffe tetuliiwo." Kubanga bo baatunula nga balindirira *okujja* kw'omusaalaba, naye ffe tutunula *okuyita* mu musaalaba. Tulina Omwoyo wa Kristo oluvannyuma lw'okufuuka omuntu n'Abeerako gye tuli. Wano twajjayo ku bwa Mwoyo Mutukuvu, nga y'enteekateeka esingirayo ddala obulungi.

102 Naye oluusi ntuuka ekiseera ne nneebuuza kiki ddala Obukristaayo kye busuubira leero. Omubuulizi okugenda mu kibuga alina okuba nga . . . oba bwe wabaawo ekkanisa empya oba omuntu eyakasituka, eyeeyita nnabbi, n'ajja, n'agamba nti, "Tewali buzibu, kasita babeera nga banansasula ssente bwe ziti. Kasita mba nga nnaasobola okufuna emmotoka esingayo mu zonna. Kasita banaa . . . Kasita babeera nga banaasobola okunnyongeza omusaala buli luvannyuma lwa myezi mukaaga."

103 Twagala tubeere n'ebisingayo obulungi. Twagala tubeere n'amaka agasingayo obulungi. Twagala tubeere n'engoye ezisingayo obulungi. Tulikola ki bwe tuliyimirira mu maaso g'abasajja bali abaatambulanga nga bambadde, amaliba g'embuzi n'ag'endiga, nga tebalina we bassa mitwe gyabwe, nga bakyamira mu malungu? Nga ffe ke wageza ne wabaawo atusekerera ekkanisa twagala tugiveemu obutaddira ddala. Ebyo ensangi zino Obukristaayo bye bwagala. Tusaanye n'okuswala.

Ayi Katonda, tusaasire.

104 Mu biro biri, Yayogeranga kuyita mu bannabbi, naye leero ayogera kuyita mu Mwana We. Kiri kyali kigambo kya nnabbi, mu biro biri. Kino Kigambo kya Mwana, olwa leero. O, Erinnya lya Mukama lyebazibwe!

105 Amakulu mu kyo gali nti, ssinga otunuulira ekisiikirize, oba negatiivu, wandikola ensobi. Naye Kino kyaggwa okwozebwamu, ekifaananyi kirabikira ddala bulungi. Kiri kyajja kuyita mu nnabbi; naye kino kijja kuyita mu Mwana We. Eri yali negatiivu; naye kino ky'ekifaananyi kyennyini. Amiina.

Mukiraba? Tewali kaagaanya konna ka kukisubwa. Kye kintu kyennyini ekya nnamaddala, mu biro bino okuyita mu Mwana We. O, nga kirungi nnyo!

> . . . *gwe* yassaawo *okuba omusika* . . . (Ha, bannange!) . . . *omusika w'ebintu byonna,* . . .

106 Kyali kiki? Kwali kuteekebwawo mu butongole. Ha, muwulirize. Yateekebwawo mu butongole, Kristo yateekebwawo, okuba omusika w'ebintu byonna. O, ekyo ssetaani akimanyi bulungi, okuviira ddala mu lusuku Adeni, olaba, ssetaani bwe yawulira Ekigambo ekyo ku olwo, abantu abo bwe baali basalirwa omusango. Yagamba nti, "Kubanga wava mu nfuufu, kale olidda mu nfuufu; era Ezzadde ly'omukazi liribetenta omutwe gw'omusota." Ezzadde eryasuubizibwa.

107 Ssetaani buli mulundi yabeeranga bulindaala ng'alindirira Ezzadde eryo. Abeeri bwe yazaalibwa, n'agamba nti, "Nkulina, ye ggwe zzadde liri eryayogerwako." N'atta Abeeri. Mutabani we, Kayini, yatta Abeeri. Era Abeeri olwali okufa ati, n'agamba nti, "Kati ezzadde ndisse." Yalitta. N'agamba nti, "Ndisse." Naye, Abeeri bwe yafa, Seezi bwe yazaalibwa n'aba nga azuukidde. Weetegereze bwe bajja bazaalibwa.

108 Olunyiriri olwo olwa Seezi, baazaalibwa, nga bantu abawombeefu, abatuukirivu; ne bajja bwe batyo okutuuka ku Enoka; ne beeyongerayo okutuuka ku Nuuwa, n'okutuukira ddala kuzikirizibwa n'amataba.

109 Tunuulira olunyiriri lwa Kayini, lwavaamu abantu abagezigezi, abayivu, bannassaayansi. Bayibuli tegamba nti . . . Yesu teyagamba, nti, "Abaana b'ensi eno bagezi nnyo okusinga Abaana b'Obwakabaka"? Tunuulira oludda lwa Kayini ne leero: bagezigezi, bayivu, babuusaabuusa, bannaddiini nnyo; mukiraba, bannaddiini nnyo, naye ate bannassaayansi, bazimbi, basajja ab'ekitalo.

110 Ggwe laba abasajja ab'amaanyi. Laba Thomas Edison, n'abasajja ab'amaanyi bangi. Laba Einstein, kakensa w'ensi mu by'obwongo, nga bwe bamuyita, leero, kakensa w'ensi mu magezi g'obwongo. Naye ffe tetugezaako kukozesa bwongo. Tuggulira Endowooza eyali mu Kristo n'ebeera mu ffe, ne tutunuulira Ekigambo kino, ne tukitwala nga bwe kiri.

111 Abasawo abatujjanjaba, newankubadde nga tubassaamu ekitiibwa ne byonna bye tulina, naye abasinga ku bo babuusabuusa, abatakkiriza nti waliyo Katonda. Laba abantu abagezigezi era aboogi b'obwongo be tulina leero. Bali ku ludda luli eri, ku ludda lwa Kayini.

112 Naye laba abawombeefu era abateefu. Kuukwo okuzuukira nate era. O, Erinnya lya Mukama waffe lyebazibwe! Kiikyo. Mwetegereze.

> . . . yamufuula *omusika w'ebintu byonna, era oyo gwe yatonza ensi;*

Ani yatonda ensi? Kristo. "Kristo ye yatonda ensi?" Yee, ssebo. Leka tweyongereyokko okusoma.

> *Oyo bw'ali okumasamasa kw'ekitiibwa kye, n'ekifaananyi kye* eky'okubeerawo kwe, . . .

Okumasamasa kw'ekitiibwa ky'Ani? Ekitiibwa kya Katonda. Ekifaananyi ky'Okubeerawo kw'Ani? Kwa Katonda. O, kino nkyagala nnyo!

> . . . manya *ekifaananyi kye ddala bw'ali, era bw'asitula ebintu byonna n'ekigambo* . . .

Kiikyo. Ekigambo, ky'ekiwaniridde ebintu byonna. Yesu yagamba nti, mu Matayo 24 nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ebigambo Byange tebiriggwaawo." Y'awaniridde ebintu byonna.

113 Ekitabo ekyo ssaayaansi agezaako okukityoboola, nga bagamba nga bwe kiri, "Ekitabo ekikaddde. Kizze kikyusibwa."

114 Ne ekereziya Katolika yennyini ey'e Rooma, Bisopu Sheen yagamba nti, "Eyo Bayibuli kati yaakavvuunulwa emirundi nga ena oba etaano, tekyalimu makulu. Ne bwe yandibadde nti gy'olina okutambulirako tokyasobola kugyesiga." Naye Awanirira ebintu byonna nga akozesa Ekigambo Kye. Amiina. Eyo y'endowooza yange gye ngirinako. Nzikiriza Bayibuli.

> . . . *ekigambo eky'obuyinza bwe,* (Ekigambo kirimu amaanyi), *bwe yamala okukola eky'okunaaza ebibi,* . . . (mulabeeyo) . . . yatuula *ku mukono ogwa ddyo ogw'Obukulu waggulu;*

115 Pawulo kiki ky'agezaako okukola? Agezaako okulaga nti Katonda yagenderera ebintu byonna bibeewo okuyita mu Kristo, era nti Kristo ye yali ekifaananyi kya Katonda ddala nga bw'ali. Ekitundu ekisigadde kyonna eky'essuula kinnyonnyola nga Yesu bwe yali waggulu ku Bamalayika, waggulu w'amaanyi gonna. Bamalayika baamusinza. Pawulo yali agezaako okumugulumiza.

116 Kati, njagala ngezeeko oku . . . Ssinga nnaaba sseeyongeddeeyo kusukka wano, ebisigadde bigulumiza bugulumiza Kristo. Pawulo by'ayogerako wano, okugeza nga mu ssuula ey'e 11, n'awalala wonna nga ayogera ku nsi. Yabuuza nti, "Ani—Malayika ki gwe Yali agambye nti, 'Ggwe oli Mwana Wange, olwa leero Nkuzadde ggwe'?" Mukiraba?

117 "Enkomerero y'ensi, ebyo biriggwaawo. Ensi eriggwaawo. Naye e . . . N'ebintu by'ensi byonna biriggwaawo. Alibizingako nga essuuka. Birikaddiwa, ne biwaanyisibwa, ne bivaawo. 'Naye Ggwe olisigalawo. Ggwe oli wa lubeerera. Ggwe oli Mwana Wange. Olwa leero Nkuzadde Ggwe, era toliggwaawo, nga otudde ku mukono ogwa ddyo ogw'Obukulu.'"

Omukono ogwa ddyo kitegeeza ki? Tekitegeeza nti, Katonda alina omukono ogwa ddyo mbu era waliwo agutuddeko. *Omukono ogwa ddyo* kitegeeza "maanyi na buyinza," alina obuyinza ku buli kintu mu Ggulu ne ku nsi. Era Eggulu n'ensi byonna byakolebwa Ye.

118 Kaakati, Omuntu ono ow'ekitalo y'Ani, Omusajja ono ow'ekitalo, Kristo? Kiikino wano, Katonda mu Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, ssi . . . Weewaawo bwe busatu, naye ssi busatu bwa bantu. Wabula obusatu obwa woofiisi, eza Katonda omu.

119 Yali Kitaffe bwe yali akulembera abaana ba Isiraeri. Eyo ye yali woofiisi Ye, Yakuwa Kitaffe omukulu. Bwe yava awo n'Abeerako ku nsi, n'ayitibwa Omwana. Ate kati atuula mu Kkanisa Ye, nga ayitibwa Omwoyo Omutukuvu. Ssi Bakatonda basatu; wabula Katonda omu nga akolera mu woofiisi ssatu: Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu.

Abantu bagezaako okumufuula Bakatonda basatu ab'enjawulo, Katonda Kitaffe. Y'ensonga lwaki, Abayudaaya, toyinza, kino toyinza kukiwa Muyudaaya, ekyo, nedda. Tasobola kukikkiriza. Alina etteeka, erigamba nti, "Ndi Katonda Omu." Waliwo Katonda omu yekka.

120 Mu Afirika babatiza mu ngeri ssatu ez'enjawulo: bakubatiza ogusooka ku lwa Kitaffe, ne bakuddamu omulala ku lw'Omwana, ne bakuddamu n'omulala ku lw'Omwoyo Omutukuvu. Ate ab'enzikiriza ya Apostolic Faith, bo bakubatiza emirundi esatu, nga bakuvuunise, ku lw'okufa Kwe. Be bayita ab'Enjiri Enzijuvu ku Lubalama lw'Ebugwanjuba, manya ku Lubalama olw'Ebuvanjuba, bo bakubatiza emirundi esatu nga bakugalamiza ku mugongo, bagamba Ya . . . ku lw'okuziikibwa Kwe.

Nga bagamba mbu, "Bwe Yafa, omutwe Gwe gwekoteka gudda mu maaso."

121 Abalala ne bagamba nti, "Lindako. Omuntu olina kumuziika nga agalamidde." Obuntu obutonotono obutaliimu makulu, ate nga, bombi bakyamu; okusinziira ku Byawandiikibwa.

Eno ye Ulimu Sumimu. Y'emala empaka.

122 Kati, wano, ekyo leka tuggyeyo ekifaananyi kyakyo nga bwe kiri tulabe bwe—bwe kifaanana, akawungeezi kano. Kiikino, bwe muba mwagala okukiraba. Mu myaka nga abiri mu etaano gye mmaze nga ndi muweereza, ekyo nzize nkisoma nga nkyekenneenya. Era mbaddenga nneebuuza ku ky'ebirabo mu kkanisa. Ebirabo ebyo bitegeeza ki? Obunnabbi, okwogera mu nnimi, okuvvuunula ennimi, okubikkulirwa okuva eri Katonda, n'ebirala, ebyo byonna bijja kuyita mu Kristo.

123 Kati mulabeeyo. Kristo ye Mutwe gw'ebintu byonna. Era Ye Mutwe gw'Ekkanisa. Kati mwali mulabye ku jjinja lya alimansi

eddene? Ejjinja lya alimansi eddene erikomoddwa obulungi libaako obupapajjo obulivaako, obulibejjukako. Ekyo kye kikola alimansi omutuufu. Obupapajjo obwo buba bwaki? Alimansi yennyini omutuufu, engeri gye yatondebwamu, tabeera na nkula nnambulukufu; alimansi yennyini omutuufu, bw'azuulibwa.

Nnaliko e Kimberly. Mmwe, bangi ku mmwe, mwali mukiwuliddeko nti osobola okulonda alimansi mu kkubo, ekyo kituufu nnyo. Nze ne Billy, wamu ne Mw. Bosworth. Pulezidenti w'ebirombe bya alimansi ebya Kimberley Diamond Mines, yatutwala . . . Yali mukebezi mu lukuŋŋaana olwaliyo. Ne batutwalayo ku birombe. Era wabweru wa . . . Bamusima okuviira ddala nga mu, ha, ffuuti nga lukumi mu lusanvu wansi mu ttaka. Ne baggyayo, ejjinja erya bbululu, ejjinja eddene erya bbululu, nga ejjinja lino lye mulina wano eno. Era bannansangwa abo ab'omu kitundu ekyo, babasindika wansi eyo mu ttaka ffuuti lukumi mu lusanvu, okusobola okumusimayo, okukuuma ebbeeyi nga eri waggulu. Bw'ogendako ku mugga erudda, guliko obukuumi bwa mayiro bikumi na bikumi. Ssinga ogenda n'obulobo bubiri obwa ggalani kkumi buli kamu, yagamba, n'obupakira bwonna, ne bujjula o—omusenyu, ssinga ofuna akakisa n'obutuusa ewaka, obeera ojja kuba mugagga bifeekeera, musobola okubaamu obuyinja bw'alimansi obuyitirivu ddala. Naye balina okukola n'okusigala nga bamusima okusobola okukuuma ebbeeyi nga eri waggulu.

124 Kati, alimansi, bw'aggyibwayo, gubeera gutole ogunene, oguweweevu, ogwekulungirivu, nga, ekitole ekitangalijja. Waliwo alimansi owa bbululu, ne alimansi omuddugavu, n'owa nnawandagala, ne alimansi atangalijja, ne alimansi omweru. Naye bwaggyibwayo . . . Kati bw'akolebwa n'atandika okukozesebwa, wabaawo ekitundu ku alimansi oyo ekiba kirina okunojjolwako. Era abeera alina okunojjolwako o—obupapajjo. Babeera balina okunojjolako obupapajjo, kubanga, ssinga omusana gumwakako butereevu, mu nkula *eyo*, abeera ajja kutangalijja. Obupapajjo, bwe bumuleetera okutangalijja, engeri gye buba butemeddwamu. Atemebwa, n'anojjolwako obupapajjo, era ekyo, bwe kikolebwa, butandika okutangalijja. Akamu ne kavaamu ekitangaala ekya langi eya kiragala, akalala ekitangaala ekya langi eya bbululu, akalala oba oli awo, ekitangaala ekya langi eya nnawandagala, n'akalala ekitangaala ekya langi emmyufu. Ne buvaamu ekitangaala ekya langi ez'enjawulo, nga langi za musoke. Ekyo bakiyita, "omuliro mu alimansi."

125 Kati, buli kimu ku bitangaala ebyo kikiikirira birabo. Naye, Kristo yekka, ye Alimansi. Era Yali Ye Eyajja, n'abetentebwa, n'afumitibwa, n'anojjolwa, Asobole okuddamu nate okweyoleka Ye mwene nga Omusana eri ensi. Ye ye Alimansi eri Enkulu.

126 Osobola okukubamu akafaananyi ekyaliwo, nga n'ensi tennatondebwa, nga n'ekitangaala tekinnabaawo, nga

tewannabaawo yadde emmunyeenye, nga tewannabaawo kintu kyonna? Waaliwo Ensulo y'Omwoyo, ey'ekitalo eyali ekulukuta, era mu nsulo eno mwavaamu okwagala okusingayo obulongoofu, kubanga tewaaliwo kirala kyonna kyali kiyinza kugivaamu okuggyako okwagala. Kati, ffe, kye tuyita okwagala, leero, kwagala okwakyamizibwa. Naye era bwe tulegako, manyanga bwe tufunako akatono ku kwagala okwo mu ffe, kukyusa endowooza yaffe yonna.

127 Ekirala mwavaamu omugga omulala okuva mu Nsulo eno enkulu, Alimansi, era gwali guyitibwa butuukirivu, obutuukirivu ddala bwennyini. Kati, eyo y'ensonga lwaki twalina okuba n'amateeka. Eyo y'ensonga lwaki amateeka gaalina okubaako ekibonerezo okugamenya. Etteeka bwe litabaako kibonerezo olw'okulimenya, etteeka eryo liba teririna kye ligasa. Era omusango bwe gwayisibwa okuyita mu mateeka, ekibonerezo kwali kufa, era tewaaliwo muntu yenna yali asobola kusasula mutango okuggyako Katonda Mwene. Era Yasasula omutango ogw'okufa kwaffe, ne Yeetikka ebibi byaffe, tusobole okubeera obutuukirivu bwa Katonda okuyita mu Ye.

128 Kati, Ebitangaala bino eby'amaanyi bwe byalabisibwa, manyanga okumulisa okw'amaanyi okw'Omwoyo: okwagala, emirembe, bye byokka ebyalimu, Omwo. Temwalimu kubonaabona. Temwalimu—temwalimu bukyayi, newankubadde ettima; byali tebiyinza kuva mu Nsulo eno. Oyo yali Yakuwa. Oyo yali Yakuwa Katonda. Era kati, nga abaasomerera eby'eddiini bwe bakiyita, mu Yo mwavaamu omubiri ogw'omwoyo, mu Byawandiikibwa, ogwayitibwa, "Logos," Logos eyava mu Katonda. Kizibu okunnyonnyola, naye Logos eyo yali kitundu kya Katonda.

129 Kati, kino kye kyabaawo. Ha! Munsonyiweko. Ki—ki—kino buli lwe nkituukako, kino kintuusa we nkyagalira. Mukiraba? Logos, n'Ensulo eno ey'ekitalo, Ensulo eno ey'ekitalo ey'Omwoyo etaalina ntandikwa wadde enkomerero; Omwoyo guno ogw'ekitalo gwatandika okufuna enkula, mu butonde, era Logos eyaguvaamu ye yali Omwana wa Katonda. Y'enkula yokka erabikako Omwoyo guno gye gwalina. Era eyo Yali theophany, ekitegeeza omubiri, era omubiri ogwo gwali nga muntu.

130 Musa yagulaba bwe gwayita mu...mu—mu lwazi. Era yagutunuulira, n'agamba nti, "Gwali gufaanana nga omugongo gw'omuntu."

Kye kika ky'omubiri gwe gumu gwe tufuna wano nga tufudde. "Ensiisira eno ey'omu nsi bw'eribumbulukuka, tulina endala etulindiridde." Gwe gwali omubiri Ogwo. Era ogwo gwe gwali omubiri ogw'omwoyo eyali Omwana wa Katonda. Omwana oyo, Logos eyo, yayambala omubiri, kubanga twali twateekebwa mu mubiri. Na bwe kityo omubiri ogwo ogw'omwoyo, Logos eyo, yayambala omubiri, n'ebeera wamu

naffe, era teyali kirala kyonna wabula ensiisira ey'okutuulamu, kubanga Ensulo eri yonna mu bulamba bwayo yatuula mu Ye. O, mukiraba? Gwegwo. Ye Oyo, eya, mu . . .

131 Mulabeeyo. Kati leka tubikkule mangu ddala mu Abaebbulaniya, essuula ey'omu 7, mu kaseera katono ak'e—ak'ekisa, Katonda nga ayagadde. Leka tulabe bwe kifaanana wano. Ibulayimu!

Obudde bwe tusigazza bwenkana ki? Tusigazzaayo eddakiika kkumi. Kale. Ka tukwate ku kino, tulikimaliriza oluddako, oluddako, oba ku Ssande, nga Mukama ayagadde.

132 Ibulayimu yali akomawo ng'ava okutta kabaka.

> *Kubanga Merukizeddeeki ono, kabaka w'e Ssaalemi,* . . .

Bameka abamanyi wa, ani, Ssaalemi kye kyali kitegeeza? Yerusaalemi.

> . . . *kabaka w'e Ssaalemi,* omulangira *wa Katonda ali waggulu ennyo, eyasisinkana Ibulayimu ng'akomawo ng'ava okutta bakabaka, n'amusabira omukisa;*

Muwulirize.

> *Era Ibulayimu gwe* yawa *ekitundu eky'ekkumi ekya byonna; eky'olubereberye mu kutegeezebwa Kabaka wa butuukirivu, . . . era ne Kabaka* w'e *Ssaalemi, ekitegeeza nti, Kabaka ow'emirembe;*
>
> *Atalina kitaawe, atalina nnyina, atalina bajjajjaabe, atalina lunaku lwe yasookerako, wadde* enkomerero *y'obulamu;* . . .

133 Kabaka yava e Ssaalemi, n'asisinkana Ibulayimu ng'akomawo ng'ava okutta bakabaka. Era Kabaka ono teyalina kitaawe, teyalina nnyina, teyalina ntandikwa wadde enkomerero y'obulamu. Ibulayimu yasisinkana ani? Kati lowoozaamu. Teyalina kitaawe; Teyalina nnyina. Teyalina kiseera lwe Yatandika, era Talina kiseera kyonna lw'Alikoma, kitegeeza Kabaka y'omu oyo ow'e Ssaalemi ateekwa okuba nga gyali mulamu leero. Amiina. Mukiraba? Gwali mubiri guli ogw'omwoyo nga ye Mwana wa Katonda. Ate Ssaalemi y'eruwa? Ye Yerusaalemi kiri ekiri Waggulu, Ibulayimu, eyaweebwa omukisa, kye yali anoonya, okuzuula, nga agezaako okuzuula Ekibuga nga Omuzimbi era Omukozi waakyo ye Katonda. Yatambulanga nga ayambadde amaliba g'endiga n'ag'embuzi, buli wamu, nga talina kantu, nga atambula, anoonya Ekibuga nga Omuzimbi era Omukozi waakyo ye Katonda. N'asisinkana Kabaka w'e Ssaalemi kiri, bwe yali akomawo, n'amusasula ekitundu ekimu eky'ekkumi okuva ku byonna bye yali afunye nga omunyago. Amiina. Y'oyo. O, Ow'oluganda Graham, y'Oyo. Y'Oyo.

Ibulayimu yaddamu n'amulaba omulundi omulala. Lumu yali atudde mu weema. N'ayimusa amaaso, n'alengera abajja, n'alaba abasajja basatu nga bajja.

134 Omanyi, waliwo eky'enjawulo ku Mukristaayo, nti bw'alaba Omwoyo amutegeera. Bw'a . . . Akimanya bumanya. Kibaako eky'Omwoyo eky'enjawulo. Ebintu eby'Omwoyo bitegeerebwa na Mwoyo. Omanyi. Weewaawo, aba asobola okukitegeera, bw'aba nga ddala yazaalibwa. "Endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange."

135 Kale yakimanya muli nti waaliwo ekintu ekitaali kya bulijjo. Kye yava adduka mbiro n'agenda okubasisinkana n'agamba nti, "Yingira, Mukama wange. Tuulirako wano. Wummulirakko wano. Nange nnaaleeta akamere ne nkateeka mu mukono Gwo. Nnaanaaza ebigere Byo. Wummulako, oluvannyuma weeyongereyo mu lugendo Lwo, kubanga Ggwe—Ggwe ozze okunkyalira." Nga ali eyo mu nsi ey'olunnyo, nga akutte ekkubo ekkalubo, ekkubo wamu n'abatono ba Mukama abanyoomebwa.

Nga ate, Lutti yali muggagga, kizibwe we emmanga eri, naye yali atambulira mu kibi. Okwesigama ennyo ku buggagga ekyo kye bukola buzaala kibi.

136 Ibulayimu kye yava abaaniriza, n'afunayo ku tuzzi n'anaaza ebigere Byabwe. N'adduka mbiro n'agenda mu nnyana, n'afunayo ennyana ensava obulungi mu kisibo, n'agitta; n'agiwa omuddu, agirongoose. N'agamba nti, "Saala, goyaawo ku butta."

Mumanyi okugoya, kye, kitegeeza. Omanyi, maama yalina akalawo akasongovu, ku ludda olumu, ke yakozesanga mu—mu nsaka mwe yagoyeranga. Ensaka bw'etyo mwali mugirabyeko ebaamu n'akakuŋŋuta? Mwe wateekanga omulawo, n'ogoya emmere, nga bwe mumanyi; nga bw'ekwatira erudda *bw'eti,* nga ogikokotayo, bw'oti. Nnalabanga maama nga akikola, emirundi mingi, omulawo, gwabangako akantu akeekulungirivu akaabangako engeri y'akatimba ak'obuuma. Nga akwata obutta obwo n'abukuŋŋunta *bw'ati,* nga bw'abunyeenya nga abuzza eno n'eri, *bw'ati.* Bw'amala n'akwata omulawo n'abukokota yonna, *bw'ati*, okusobola okubuggyayo bwonna wansi. Era kyabangawo oluvannyuma lw'okuserengeta ku mutala okutwala obuwunga bwaffe okubusa ku lubengo olusa obulungi; olwalina n'amannyo amanene obulungi, nga bwe mumanyi, agazitowa, agaasanga obuwunga obulungi okukamala. Bwe walyanga akawunga ka bwo n'ofuna amaanyi okusala endoddo z'emiti, okumala olunaku lulamba.

137 Kale kati, yamugamba nti, "Goyaawo ku butta, mu bwangu ddala. Ofumbeyo n'obugaati wano ku kyoto, mangu ddala." Ne bakama ente ne bafunayo ku mata. Ne bagafuna, ne bagasunda, ne bakola omuzigo. Ne bagenda ne battayo ennyana ne bafuna ennyama, ne bagisiika. Ne bakwata omuzigo oguvudde mu mata,

n'akawunga, ne bafunayo ne siyaagi ow'okusiiga ku bugaati. Ha, ebyo biwooma okukamala. Bwonna ne babusiigako. N'abisitula n'agenda, n'abiteeka mu maaso g'Abasajja bano abasatu.

138 Era bwe baali balya, Baagiranga ne batunula e Sodoma. Oluvannyuma nga wayiseewo akaseera, ne batanula okugenda. Kye Yava agamba nti, "Ibulayimu . . . " Yagamba nti, "Toyinza kukinkisa."

139 "Ssiyinza kukukisa kye ŋŋenda kukola. ŋŋenda mmanga eyo. Ebibi bya Sodoma bituuse mu matu Gange."

Omusajja oyo yali Ani? Eyali ajjudde enfuufu yenna ku ngoye Ze, n'atuula n'alya ennyama y'ennyana, n'anywa n'amata g'ente, n'alya n'obugaati obukoleddwa mu ŋŋaano, obusiigiddwako siyaagi. Omusajja ono atategeerekeka y'Ani? Baali abasajja babiri, manyanga Basatu, nga batudde awo. Nga yenna ajjudde enfuufu ku ngoye Ze. O, weewaawo, "Tuva mu Nsi ey'ewala." Weewaawo, wala ddala. Kye yava Agamba nti . . . Naye kati, Baali b'Ani?

140 Yagamba nti, "Ssiyinza kukisa Ibulayimu, nga ate ye musika w'ensi." Amiina. Amakulu mu kyo nti, "Ebyama Byange Mbibikkula, eri abo ab'okusikira ensi." Awo Ekkanisa w'esaanidde okuba leero. Bwe kiri. Tegeera Ebyama bya Katonda, otegeere bw'olina okutambula, n'okweyisa, ne ky'olina okukola, ne bw'olina okutambula, ne bw'olina okutambuzaamu obulamu. Ye ffe ab'okusikira ensi. Kituufu. Abikubikkulira, kubanga tajja kukukisa kintu kyonna. Y'ensonga lwaki tulaba ebintu bino nga bituukirira.

Ensi egamba nti, "Ah, bazoole buzoole." Mubaleke babyogere. Oyo ow'okusikira ensi ye ebintu bino abimanyi. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

. . . kubanga abo baliyitibwa abaana ba Katonda.

Balina omukisa abo *abateefu: kubanga abo balisikira ensi.*

Abategeeza ebyama Bye, abibabikkulira, n'abalaga eky'okukola n'engeri y'okutambuzaamu obulamu, nga baabulira ebintu by'ensi; ne batambulira mu kutya Katonda ne mu bulamu obw'okutya Katonda, mu mulembe guno, nga batambula Naye. Ab'ensi leka boogere byonna bye baagala okwogera.

141 Kale Yagamba nti, "Ibulayimu ssiyinza kumukisa kyama kino, kubanga, ndaba ye w'okusikira ensi. Naye," n'Agamba nti, "ŋŋenda kusaanyaawo Sodoma. Gye ŋŋenda."

142 "Ogenda kukola ki, Ssebo? Ye Ovudde wa? Bino byonna bikwata ku ki?"

143 Aba akyewuunaganya, n'Amugamba nti, "N'ekirala, Ibulayimu, omaze emyaka abiri mu etaano nga olindirira ekisuubizo kino kye Nnakuwa. Wagula dda akagoye ak'obutolobojjo ne—n'ebikwanso bya nnappi na buli kimu, nga

weetegekera omwana ono, okumala emyaka abiri mu etaano. Osigadde okyannindiridde. Kati ŋŋenda kukukyalira, ebiro bwe biridda, okusinziira, ku biro by'obulamu, omwezi ogujja Nja kuba naawe."

144 Awo nga Saala, ali mabega mu weema. Kati Omusajja ono weema yali agikubye omugongo, nga bw'ayogera ne Ibulayimu, *bw'ati*. Kko Saala nti, "Hmm!"

145 N'amubuuza nti, "Saala lwaki asese?" Ho-ho-ho! Ekyo mukyogerako ki? Okwo nga kwali kusoma birowoozo okw'ekitalo, ssi bwe kiri? "Saala lwaki asese?"

Saala n'agamba nti, "Nedda. Ssinasekako."

146 N'amugamba nti, "Ha, weewaawo, osese." Yali atidde. Nga akakankana. Yali ani Oyo, eyasobola okutegeera kye yali akola mu weema emabega we? Oyo ye Katonda y'omu ali naffe leero. Y'omu. Amanyi buli kimu kyonna. Okiraba? Akubikkulirako ebyo byokka by'aba akubikkulidde okusinziira ku bwetaavu bwo. Mukiraba?

147 "Lwaki osese?" Mukiraba, nga Agikubye omugongo. Bayibuli bw'etyo bw'egamba, nti, "Weema Yali agikubye omugongo." Naye, Yakimanya. "*Ekyo* mukazi wo, akoze kya ki, emabega eyo?" Mukiraba? Kati, Yagamba nti, "ŋŋenda kukukyalira."

148 Omusajja ono atategeerekeka y'Ani? Mumanyi ekyaddirira? Yatambula n'abulawo. Era Bayibuli egamba nti Oyo yali Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, Yakuwa, Ensulo eyo ey'ekitalo, Omubiri guli ogw'omwoyo, Logos eri.

149 Waliwo omubuulizi omu eyaŋŋamba, gye buvuddeko, nti, "Ow'oluganda Branham, toŋŋamba nti, ddala osobola okuba n'endowooza egamba nti oyo yali Katonda?"

150 Ne mmugamba nti, "Bayibuli egamba yali Katonda, Elohim." Nga, Ye Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, oyo El Shaddai, bwe kiri, oyo Awa-Amaanyi, oyo Akkusa. Amiina.

151 O, mpulira nnyingidde mu mwoyo! Kirowoozeeko. Wuuno wano, Waali. Kati ŋŋenda kubalaga Oyo y'Ani wano, mulyoke mulabe Omwana y'Ani. Oyo yali Yesu, bwe yali tannafuna Linnya ery'oku nsi, "Yesu."

152 Lumu Yayimirira ku luzzi. Bonna baali banywa, nga bwe mumanyi, nga, "Bwe banywa amazzi mu ddungu," n'ebirala bwe bityo. N'agamba nti . . . Baali balya emmaanu n'ebirala. Ne bagamba nti, "Bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu, okumala emyaka ana."

153 N'abagamba nti, "Naye bonna, bonna, baafa." N'agamba nti, "Nze Mugaati gw'Obulamu oguva eri Katonda, mu Ggulu. Oyo alya ku Mugaati guno talifa."

154 Ne bamugamba nti, "Naye, ffe bajjajjaffe baanywa ku Mwoyo, baanywa okuva mu Lwazi luli olw'omwoyo olwali mu ddungu, olwabagobereranga."

155 N'abagamba nti, "Ye nze Lwazi olwo." Ekitiibwa! Enjiri y'Omutukuvu Yokaana, essuula ey'omu 6.

"Ekiki," ne bamubuuza nti, "ogambye ki?"

"Weewaawo. Bwe kiri."

156 "Naye," omu n'amugamba nti, "Oli . . . Tonnaweza yadde emyaka ataano." Kkwo okuba, omulimu Gwe gwamuleetera okulabika nga omukulu, naye Yali wa myaka asatu gyokka. N'amubuuza nti, "Ggwe omusajja atannaweza yadde emyaka ataano, ggwe agamba mbu walaba Ibulayimu, eyafa emyaka nga lunaana oba lwenda egiyise? Ku luno tukakasizza nti ddala oli ssetaani."

157 N'abaddamu nti, "Ibulayimu yali tannabaawo, nga nze NDI." Wuuyo. NDI yali Ani? Erinnya ery'olubeerera eri emirembe gyonna. Eyo y'eyali . . . y'Empagi y'Omuliro eri mu lusaka olwali lwaka eyagamba nti, "NDI NGA BWE NDI." Wuuyo, Omubiri ogwo ogw'Omwoyo gwe Yakola wano eno, oguyitibwa Omwana wa Katonda, NDI, Yakuwa.

158 Tomasi n'agamba nti, "Mukama waffe, ggwe tulage bulazi Kitaffe kinaatumala."

159 Ye kwe kumubuuza nti, "Mbadde nnammwe ebbanga lino lyonna, naye na buli kati tontegeeranga?" N'agamba nti, "Bw'olaba Nze, obeera olabye Kitange. Kati ogambira ki nti, 'Ggwe, Tulage, Kitaffe'? Nze ne Kitange tuli Omu. Kitange atuula mu Nze. Nze ndi nsiisira eyitibwa Omwana. Kitange atuula mu Nze. Si Nze nkola emirimu, wabula Kitange atuula mu Nze. Y'akola emirimu, ssi Nze."

160 Kati, n'ekirala, bwe yayimirira luli eri ku mulundi guli, Musa yamulaba, omugongo Gwe, n'agamba nti, "Gwali gufaanana ng'omugongo gw'omuntu," Logos eyo eyava mu Katonda.

161 Kati kiki ekyabaawo? Ono yali Katonda. Era ensonga lwaki Yava mu kubeera Logos n'afuuka omuntu . . . Kiki . . . ? Ekyo oyinza otya . . . ? Kiki ekyabaawo awo? Eddakiika ttaano nga ekyo tekinnabaawo, yali . . . Yali Logos. Naye kiki kye Yakola? Yakwata bukwasi erudda . . .

162 Kati, emibiri gyaffe gyakolebwa mu birungo by'omu ttaka kkumi na mukaaga eby'enjawulo. Ekyo tukimanyi. Gyakolebwa mu potashi, ne—ne—ne kalisiyamu, ne—n'ebirungo by'amafuta, n'ekitangaala, n'obuntu obusirikitu, n'ebirala. Byonna bwe bigattibwa awamu, bye bikola omubiri guno, biva mu ttaka ly'ensi. Olya emmere. Bw'olya emmere, emmere eyo efuuka . . . eva mu ttaka, kati eva mu ttaka, ne—n'ebirungo biri ne bitambulira mu yo bwe bityo. Omubiri gwo, nga ggwo, tegulina

njawulo ku gwa mbalaasi, oba ogw'ente, oba ogw'ekintu ekirala kyonna. Gwonna mubiri gwe gumu.

163 Kati, weewaawo, omubiri gwo ogugulumiza; naye omwoyo ogwo gwe gulina emmeeme munda muli, muganda wange. Bwe kiri. Naye omubiri gwo ttaka lyennyini ddala ery'ensi, nga ensolo. Omubiri gwo tegwawukana ku gwa nsolo. Kati bw'oba n'okwegomba kw'omubiri wamu n'ebintu by'olaba, okwegomba abakazi, okwegomba ebintu bino byonna ebitali bimu, busigala butonde bwa nsolo. Ekyo kituufu. Ekyo kituufu. Tolina kukikola. Omwoyo wa Katonda ajja kkukulembera akuyimuse akuteeke ku ddala erya waggulu erisinga ku eryo. Ekyo kituufu ddala.

164 Kaakati, era wano, Omubiri guno ogw'omwoyo ogw'ekitalo nga guyimiridde awo. Kiki . . . Kati Yakuwa Katonda omukulu, mumanyi kye Yagamba? Yakwata bukwasi erudda n'atoolayo olubatu lw'obuweke obusirikitu, n'afunayo ku kitangaala, n'akiyiwamu, *bw'ati,* be, "Wuuu," ne gufuuka omubiri, n'aguyingiramu. Ky'ekyo kyokka.

165 N'agamba nti, "Jangu wano, Gabulyeri," Malayika oyo omukulu. N'agira be, "Wuu." "Naye n'ayingira mu *ogwo*."

166 "Jangu wano, Mikayiri," Malayika ayimirira ku mukono gwe ogwa ddyo. "Wuu." Kubanga . . . "Ggwe yingira mu *ogwo*."

167 Katonda, ne Bamalayika babiri, ne bajja wano mu mubiri gw'omuntu, ne banywa amata g'ente, ne balya omuzigo oguvudde mu mata, ne balya n'omugaati ogukoleddwa mu ŋŋaano, ne balya n'ennyama y'ennyana. Bamalayika babiri ne Katonda. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Oyo ye Merukizeddeeki, Ibulayimu gwe yasisinkana, nga ava okutta bakabaka. Oyo ye Mwana wa Katonda.

168 Bwe weeyongerayo mu maaso, wano mu Abaebbulaniya, essuula ey'omu 7, wagamba nti, "Naye eyafaananyizibwa Omwana wa Katonda." Wuuyo. Ebintu byonna Yabikola kuyita mu Ye. Bwe yamaliriza n'Atambula n'avaayo, ettaka eryo n'alikyusa ne liddayo mu kubeera ettaka nate, n'addayo mu Kitiibwa.

169 Ne Bamalayika, bwe Baamala bati okununula Lutti ne Muky. Lutti, yasigala akyuka kutunula mabega. Malayika n'agamba, n'abagamba obutaddamu kukikola. Ne beddirayo mu—mu Kubeerawo kwa Katonda.

170 Kati, nga ssuubi lya maanyi lye tulina mu Kukkiriza kuno okw'ekitalo kwe tuweereza akawungeezi kano! Katonda omulamu, oyo Yakuwa, Empagi y'Omuliro, ali naffe. Yeeyoleka Mwene mu maanyi, ne by'akola era agulumiza . . . N'akkiriza ne bakuba n'Ekifaananyi Kye, Yakuwa y'omu. Omwana wa Katonda eyava eri Katonda, n'addayo eri Katonda, era abeera mu Kkanisa Ye emirembe n'emirembe. Wuuyo.

171 Amannya gaffe Yagawandiika mu Kitabo Kye, n'ekirayiro kye Yeerayira, kubanga tewali amusinga bukulu gw'Ayinza kulayira, nti Alituzuukiza ku lunaku olw'enkomerero. "Oyo alya Omubiri Gwange, n'anywa n'Omusaayi Gwange, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era Ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero. Oyo ajja Gyendi, Ssirimugobera wabweru n'akatono. Oyo awulira Ekigambo Kyange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era talijja mu musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu."

172 Oyo yennyini Asobola okutoolayo olubatu lwa kalisiyamu ne potashi, n'agira be, "Wuuu," n'oddamu n'oba mulamu. Era erinnya lyange liri mu Kitabo Kye. Ho-ho! Ho-ho-ho-ho! Nfaayo ki ebibegabega byange bwe bikootakoota, oba bwe nkaddiwa okwenkana wa? Weewaawo ssifaayo n'akatono. Ssirina kweraliikirira kwonna.

173 Ow'oluganda Mike, olumu ku nnaku zino, akuwe omukisa, ow'oluganda, ekkondeere eryo ekkulu bwe lirijja, eddoboozi eryo ne livuga, Yusufu oyo n'avaayo. Aleruuya! Aligamba nti, "Abaana!" "Wuuu." Ne tuvaayo, nga tuli mu kifaananyi Kye; okubeera abato emirembe gyonna, nga okukaddiwa kuvuddewo; endwadde, emitawaana, ennaku nga biweddewo. Ekitiibwa kibe eri Katonda omulamu!

174 Leero ayogera kuyita mu Oyo, Omwana We. "Mu biro ebitali bimu na bimu n'engeri ez'enjawulo Yayogera okuyita mu bannabbi, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera naffe okuyita mu Mwana We, Kristo Yesu." Ayogera eri buli mutima gwa muntu gwe Yayita. Bw'oba wali owulidde ku Ddoboozi Lye oba n'omuwulira nga akonkona ku mutima gwo, nkwegayiridde tomugaana.

Ka tusabe.

175 Kitaffe Ow'omuggulu, akawungeezi kano, nga tuli basanyufu nnyo okumanya, ku kubikkulwa kw'Ebbaluwa eno ey'Abaebbulaniya, engeri Pawulo gye yaddayo mu Njiri. Teyagendera ku ebyo bye yawulira obuwulizi nga byogerwa oba ku bumanyirivu obw'engeri yonna. Yayagala tutegeere Amazima ge gali wa. Era yaddirayo ddala mu Njiri, n'a . . . yaddayo mu Ndagaano Enkadde, Enjiri gye baabuulirwa. N'alaba, okuyita mu Ndagaano Enkadde eyo yonna, ebisiikirize byonna n'ebifaananyi. Y'ensonga lwaki tulina Ekitabo kino eky'ekitalo eky'Abaebbulaniya akawungeezi kano. Era tukiraba, ayi Mukama, era tukyagala. Era okuyita mu mirembe egy'enjawulo, Kyokeddwa, ne Kiyiggannyizibwa, bagezezzaako okukisaanyaawo, naye Kisigadde kikyaliwo wakati mu ebyo byonna. Kubanga Wagamba nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ebigambo Byange tebiriggwaawo."

176 Kati atakkiriza ayinza okugamba nti, "Naye, wagambye nti, 'Pawulo ye yakiwandiika kino.'" Ssi Pawulo, naye Katonda eyali

mu Pawulo; Omuntu oyo omutonzi eyali mu Pawulo.

177 Mu ngeri y'emu nga bwe yali mu Dawudi, bwe yagamba nti, "Ssiriganya Mutukuvu Wange kulaba kuvunda, era Ssirireka mmeeme Ye magombe." Bw'atyo Omwana wa Katonda n'akwata Ebigambo ebyo okuva mu nnabbi oyo, n'akkirira mu buziba bw'emagombe. N'agamba nti, "Yeekaalu eno mugizikirize, nange Ndigizimba mu nnaku ssatu." Era Yakikola, kubanga Ekigambo kya Katonda tekisobola kulemererwa; ka kabeere akatonnyeze akamu bwe kati tekasobola kulemererwa. Nga tusiima nnyo nnyini Katonda olwa kino, Ulimu Sumimu eno ey'ekitalo, n'okumanya nti obumanyirivu bwaffe akawungeezi kano, ayi Mukama, buvaamu ekitangaala bwe butunuzibwa eri Bayibuli eno! Twazaalibwa omulundi ogw'okubiri, era tulina Omwoyo Omutukuvu.

178 Ayi Katonda omwagalwa, bwe wabaawo omusajja oba omukazi munda wano akawungeezi kano, oba omulenzi oba omuwala, kino atakifunanga, aliyinza atya okuzuukira nga munda mu ye talina Bulamu? Weewaawo, agamba, "Nnina Obulamu."

179 Naye Bayibuli egamba nti, "Oyo atambulira mu binyumu abeera mufu newankubadde nga mulamu. Oyinza okugamba nti olina Obulamu, naye oli mufu." Bayibuli egamba nti, "Ogamba olina Obulamu, naye oli mufu. Ogamba ngagawadde era siriiko kye neetaaga; naye tomanyi nti oli munaku, omwavu, ali obwereere, omuzibe w'amaaso, nga n'okukimanya tokimanyi." Ate eyo y'embeera amakanisa gye galimu akawungeezi kano, Mukama. Nga basubwa ebintu bino ebikulu, eby'omuwendo.

Okumanya nti Yakuwa Katonda ow'ekitalo, Oyo asobola okutonda nga . . . Yagamba nti, "Obwennyanja obwo mubundeetere." Yali alina okukozesa ekyennyanja oku— okusobola okubaako ne ky'akikozesa. Nga alaga, nti okuzuukira okusobola okubaawo walina okubaawo ekintu, ekikozesebwa okukuleeta. Teyakola bukozi byennyanja, naye Yakola ebyennyanja ebifumbe, wamu n'emigaati emifumbe. N'aliisa abantu enkumi ttaano n'obwennyanja butaano . . . obugaati obutono n'ebyennyanja bibiri. Ayi Mukama, byali mu mikono Gye, era Ye yali Omutonzi. Naye yalina okubaako n'ekintu mu mukono Gwe.

Ayi Katonda, tusaba tweweeyo mu mikono Gye, akawungeezi kano, tugambe nti, "Ayi Katonda, ntwala nga bwendi. Era enkomerero y'obulamu bwange bw'eriba etuuse, leka ŋŋende n'essuubi lino eriri munda yange, nga mmanyi nti nnazaalibwa omulundi ogw'okubiri, era Omwoyo Wo ampaddeko obujulizi, nga ajulira wamu n'omwoyo wange, nti ndi mutabani Wo, oba muwala Wo." Naawe ku lunaku luli olw'enkomerero, Olimuzuukiza. Kituwe, Kitaffe.

180 Kati nga tukyakotese emitwe gyaffe, wayinza okubaawo omuntu yenna ayimusa omukono gwe, nga agamba nti, "Nzijukira, mu kusaba, Ow'oluganda Branham. Njagala Katonda ammanye nga. . .nga ssinnava ku nsi eno, abeere nga Ammanyi bulungi ddala kibeere nti bw'Aliyita erinnya lyange. Ndyanukula." Mukama akuwe omukisa mutabani. Katonda akuwe omukisa, naawe; naawe, nnyabo. Waliyo omulala yenna? Yimusa waggulu omukono gwo. Ogambe nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham." Ekyo kye tugenda okukola. Katonda akuwe omukisa, muwala. Ekyo kirungi.

181 Kati, nga okyakotese omutwe gwo, nga osaba, ŋŋenda kubaako ekitundu ky'oluyimba luno kye nnyimba:

Leka kwegomba bya bugagga bya nsi eno ebitaliimu nsa,
Ebivunda mu bwangu ennyo ne biggwaawo,
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Ebyo byo tebiriggwaawo!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

182 Nga bw'akuba oluyimba olwo, nga omutwe gwo ogukotese, osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Weewaawo, ayi Mukama, ogwange guuguno"? Kinaakola ki? Kijja kulaga nti omwoyo wo, munda mu ggwe, akoze okusalawo. "Njagala omukono Gwo, ayi Mukama." Katonda akuwe omukisa, omuwala omuto. "Nnaayimusa omukono gwange." Katonda akuwe omukisa, omuwala omuto, erudda wano eno. Ekyo kirungi, mukwano. Katonda, omanyi, musanyufu okukulaba nga okola ekyo. "Muleke abaana abato bajje Gyendi."

183 "Njagala, ayi Katonda, Okwate omukono gwange. Era ku lunaku luli, njagala mbeere mu mukono Gwo; kibeere nti, bw'Oliyita, Ndivaayo." Weewaawo, nga Lazaalo bwe yali. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze.

Olugendo lwaffe bwe luliba lukomekkerezeddwa,
Bwe tulisangibwa nga tubadde beesigwa eri Katonda,
Waliyo amaka amalungi agatangalijja mu Kitiibwa,
Emmeeme yo eriba ejjudde essanyu g'eriraba.

Kati, kiki ky'ogenda okukola?

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!

184 Kitaffe Ow'omuggulu, emikono egiwerako giyimusiddwa waggulu, mu lukuŋŋaana luno olutono, akawungeezi kano, nga baagala okwekwata, akawungeezi kano, ku mukono Gwo, ogutajjulukuka, era Ogutaggwaawo. Nga bamanyi nti ekyo ekiba kikukwasiddwa. . . Wagamba nti, "Nze. . . Abo bonna Kitange be yampa balijja Gyendi, era tewali n'omu ku bo alibula. Era Ndibazuukiza ku lunaku olw'enkomerero. Tebasobola kuzikirira, tebasobola kujja mu musango, wabula balina Obutaggwaawo, Obulamu Obutaggwaawo." Ate waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka. bw'ebwo obuva mu Katonda, yekka. Ye Katonda. Era tufuuka kitundu ku Katonda, okutuusa lwe tufuuka abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Bwe tuba n'Omwoyo wa Katonda mu ffe, tulowooza nga Katonda. Tulowooza ku butuukirivu n'obutukuvu, era tugezaako okubeerawo nga tumusanyusa.

185 Kikkirize, ayi Mukama, nti Obulamu obw'engeri eyo bunaayingira buli muntu ayimusizza omukono gwe. N'abo ababadde basaanye okuyimusa emikono gyabwe, naye nga tebakikoze, nkusaba Obeere nabo. Kikkirize, Kitaffe. Era olugendo bwe luliba luwedde, nga obulamu bukomye, tusaba tuyingire mu mirembe ku lunaku olwo, wamu Naye, eyo awataliba kukaddiwa, awataliba kulwala, awataliba mitawaana. Okutuusa mu kaseera ako, tusaba otukuume nga tujjudde essanyu n'okwesiima, nga tumutendereza, kubanga tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

186 Mmwe mwenna abakkiriza, kati, leka tuyimuse emikono gyaffe tuyimbe ekiddibwamu ekyo.

Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!
Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!

187 Kati leka tulumuumuunye. Nga bw'okikola, kyukira akuliraanye, omugambe nti, "Katonda akuwe omukisa, muliraanwa." Kwatako oyo akuliraanye mu ngalo. "Katonda akuwe omukisa." Ku njuyi zombi kati. Ku njuyi zombi, mukwataganeeko mu ngalo. "Katonda akuwe omukisa, muliraanwa. Katonda abeere naawe." "Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo."

Doc, mmanyi nga gyekiri, ow'oluganda. Mmanyi waliyo, Ow'oluganda Neville, edda ennyo.

Olugendo luno bwe luliba lukomekkerezeddwa,

Kigenda kubaawo, olumu ku nnaku zino.

Bwe tulisangibwa nga tubadde beesigwa eri Katonda,

Ow'oluganda Seward tulimulabayo Eyo.

Waliyo amaka go, agatangalijja mu Kitiibwa,
Emmeeme yo eriba ejjudde essanyu g'eriraba.

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

Njagala nnyo okusinza okw'engeri eyo, nga obubaka bumaze okubuulirwa.

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

Ebiro bijjudde okukyukakyuka okw'amangu,
Tewali kintu kyonna ku nsi kya nkalakkalira,
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate. . .

Leka tumulabe, Oyo atalabika ali mu makkati gaffe kaakano, tumusinze nga bwe tuyimba.

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

Emirembe! Emirembe! Emirembe egy'ekitalo,

Musinze businza kati.

Gikka okuva. . .

Obubaka buwedde. Kati kusinza.

Nsaba, gikulukute nga gikka ku myoyo gyaffe emirembe gyonna,
Mu mayengo g'okwagala okutalojjeka.

Wennyike mu Ye.

Emirembe! Emirembe! Emirembe egy'ekitalo,
Gikka okuva ewa. . .

Ensulo eyo ey'ekitalo, Yeggulawo kaakano.

. . . waggulu;
Nsaba, gikulukute nga gikka ku myoyo gyaffe
emirembe gyonna,
Mu mayengo g'okwagala okutalojjeka.

Ekyo tekirina kye kikukola?

. . . Emirembe egy'ekitalo,
Gikka okuva ewa Kitaffe ali Waggulu;
Nsaba, gikulukute nga gikka ku myoyo gyaffe
emirembe gyonna,
Mu mayengo g'okwagala okutalojjeka.

Tekiriimu ekintu eky'enjawulo, ekinyuvu era ekiwoomu?

188 Ssimanyi oba waliwo omulwadde yenna eyandyagadde okusiigibwa amafuta asabirwe. Bw'oba wooli, jangu. Ono ye mukyala ali mu kagaali k'abalema awo? Mumuleke asigale awo. Ŋŋenda kujja, mmusabire. Teyetaaga kusituka kuva mu katebe. Waliwo omulala?

O, ekitundu kino eky'olukuŋŋaana tekibanyumira? Bameka abawulira, era abakakasa nti Okubeerawo kwa Katonda kuli wano? Ekyo kye njogerako. Ekyo kye kimu . . . Owulira nga . . . Bameka abawulira nga abaagala okuleekaana? Ka tubalabe. Nga owulira munda mu ggwe mulimu ekintu ekyagala okulekaana. Mukiraba?

Emirembe! Emirembe! Emirembe egy'ekitalo,
Gikka okuva ewa Kitaffe ali Waggulu;
Nsaba, gikulukute nga gikka ku mwoyo
gwange emirembe gyonna,
Mu mayengo g'okwagala okutalojjeka.

Yaka ku nze,

189 Kati nga tukyali mu kusinza, tugenda kusiiga amafuta ku balwadde, tubasabire. Osobola okudda wano eno, nnyabo?

190 Kino kitegeeza ki? "Okusaba okw'okukkiriza kunaawonya omulwadde." Kaakano buli omu beera mu kusaba, mumuunya oluyimba olwo. Lowooza ku Yesu nga awonya abalwadde.

Musiige amafuta . . . ? . . .

Abaebbulaniya, Essuula Esooka LUG57-0821

(Hebrews, Chapter One)

Obubaka Obukwata Ku Kitabo Ky'Abaebbulaniya obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwokusatu akawungeezi, nga 21 Agusito, 1957, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org